Ebika Ebisatu Eby'Abakkiriza

Leka tukoteke emitwe gyaffe. Nga tukotese emitwe gyaffe, n'emitima gyaffe, simanyi oba bameka abaagala okujjukirwa mu kusaba, wanika buwanisi ku mukono gwo, ogambe nti, "Mukama, nzijukira, Ayi Mukama." Waliwo eby'okusabirwa bingi nnyo wano, ebitambaala ebiri ku mmeeza.

2 Kitaffe omwagalwa Ow'omuggulu, tukuŋŋaanye nate akawungeezi ka leero wansi w'akasolya kano, emirundi mingi nnyo w'Otusisinkaniddenga, n'otwoleka okwagala Kwo; nga naffe bwe tugezaako mu ngeri zaffe entonotono okwoleka okwagala kwaffe n'okusiima gy'Oli, olw'ebyo by'Otukoledde. N'akawungeezi kano tujja nate, ayi Mukama, nga abantu abali mu bwetaavu, kubanga bulijjo tubeera tukwetaaga Ggwe. Era nga tukyali wano ku nsi, tumanyi nti ogwo gwe gunaabeeranga omulanga, kubanga tuli mu lutalo. Era tu . . . Olutalo luyinda, era Ggwe wasuubiza n'ogamba nti omulabe aliba nga empologoma ewuluguma. Waali atambulatambula mu bantu, era tumulaba buli wamu, nga empologoma ewuluguma nga agenda avaabira buli ky'asobola, kubanga amanyi nti ekiseera kye kitono ddala. Naye tulina—tulina—Taata afaayo eri abaana Be, kale tuddukira gy'Oli n'okusaba kwaffe, akawungeezi kano, Mukama. Nga tukusaba Okwanukule.

3 N'ebitambaala bino ebiri wano, Kitaffe, biraga nti waliwo awali abalwadde mu kifo ekimu, abakukoowoola nga bakwetaaga, nga okukkiriza kwabwe kuli mu Ggwe, abaweerezza wano ebitambaala bino okuteeka okukkiriza kwabwe mu bikolwa. Ayi Katonda, kkiriza buli omu ku bo awonyezebwe.

4 Twakamala okulaba amaanyi Go ag'ekitalo, Mukama, eddakiika ntono eziyise mu kisenge kiri, nga gakomyawo okujjukira mu bwongo bw'omuvubuka oli abadde yatabuka omutwe. Tulaba amaanyi Go ag'ekitalo, buli kaseera, nga gawonya endwadde era nga gabikkula ebyama by'omu mitima, nga galaga abantu, n'okubatereereza ddala ne baluŋŋama. Tukwebaza, Mukama Katonda, kubanga ekyo kisusse omuntu yenna. Ekyo kisukkuluma okutegeera kwaffe ffenna, engeri gy'Obikkulamu ensonga yennyini ekintu ekyo kwe kiba kyava, ne kwe yava, ne bw'eri. Oyo ye Ggwe, Kitaffe. Era tukimanyi, nti, "Ekigambo kikebera omutima, era nga Kikebezi kya birowoozo n'okufumiitiriza kw'omu mutima," n'olw'ekyo kino tukikwebaliza.

5 Era kaakano, Mukama, tukkiriza nti mu kaseera kano abantu, nga bakotese emitwe gyabwe, bali mu kulowooza ku bintu bino, era nga Omwoyo Omutukuvu y'ayogera gye bali

mu kaseera kano. Kale nno kkiriza okusaba kwa buli omu ku bo kwanukulwe. Lokola abasobola okulokolebwa, Mukama, akawungeezi kano. Abo abaabula, leka bajje balokoke.

6 Tusiima nnyo nnyini bwe tulaba, entuumu ennene eyo ey'engoye ezitobye, kuba tukitegeera nti entaana esimiddwa; era ebibi by'omuntu oli ow'edda, ebya bangi ku bo biziikiddwamu. Era ekyo nkikwebaliza, Kitaffe. Era nsaba batambulire mu Bulamu obuggya, ennaku zaabwe ezisigadde. Tukisabye, okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

7 Mukama abawe omukisa, akkirize okusaba kw'obadde nakwo mu mutima gwo kuddibwemu.

8 Kaakati, nzikiriza Billy yagambye nti Ow'oluganda Wheeler yabadde n'omwana omuwere. Bwe kyabadde? Nnakiwulidde bubi oba, eyabadde ow'okuwongebwayo, oba ekintu bwe kityo, oba okuweebwayo? [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Nzikiriza abaana baabadde nga basatu oba bana."—Omuk.] Kale. Bwe muba mwandyagadde okubaleeta kaakano, tunaasanyuka; n'abakadde bajje mu maaso, bateeke emikono ku bato bano, babasabire okubawongayo. Kale tugenda kugezaako okuyita mu bwangu ddala. Twagala abato bano, abaagala okujja eri Mukama Yesu, abaagala okuleeta amayinja ga—gaabwe ag'omuwendo Katonda g'abawadde. Bulijjo tugezaako okubawa omwagaanya, kubanga tetumanyi biri mu lwa nkya.

9 Mmange yateranga okuŋŋamba nti, "Ky'osobola okukola leero, leka, kukirinza lwa nkya." Ekyo kituufu, kubanga tomanyi biri mu lwa nkya, wabula tumanyi Oyo awaniridde olw'enkya. Ekyo kye kisinga obukulu. Oyo awaniridde olw'enkya tumumanyi.

10 Ow'oluganda Wheeler, Mukama Katonda akuwe omukisa. Ono ye Mwanyinaffe Wheeler. Nsanyuse nnyo okukusisinkana. Era . . . mukisa gwa maanyi nnyo gyendi, nzikiriza, nga bwe mmanyi, guno gwe mulundi gwange ogusookedde ddala, okukusisinkana. Ono ye mwana wammwe. Erinnya lye y'ani? [Mwannyinaffe Wheeler addamu nti, "Carlena Rebecca."—Omuk.] Carlena Rebecca. Bannange, nga muwala alabika obulungi, omubalagavu ddala. Kati, Carlena Rebecca Wheeler.

11 Ow'oluganda Wheeler y'omu ku badiikoni baffe wano mu kkanisa, era Katonda awadde obufumbo bwabwe omukisa, gw'omuto ono. Nzikiriza, mulinayo, ndowooza, mmanyiiyo, abawala abalala nga babiri, si bwe kiri? [Ow'oluganda Wheeler addamu nti, "Bali basatu."—Omuk.] Abawala abalala basatu. Bawala balungi ddala okusinziira ku kye mmanyi, kale nsaba Katonda ne Rebecca naye amufuule nga bali abalala. Mukiraba? Era ekyo mwembi kijja kubamatiza, si bwe kiri? Ky'ekyo, kubanga baana balungi nnyo.

12 Simanyi oba ananzikiriza okumusitula oba nedda, naye, bw'atanzikiriza, tujja kumuteekako buteesi mikono. Oyagala

okujja gyendi, Rebecca? Oyagala nkusitule? Ekyo kirungi nnyo. Nga muwala omuto alabika obulungi!

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

13 Kitaffe Ow'omuggulu ow'ekisa, nga tuyimiridde mu maaso g'omudiikoni ono, akawungeezi kano; era mu butuufu wofiisi eyo gy'alimu nkulu nnyo, kubanga omudiikoni agwanidde obutabaako kya kunenyezebwa kyonna, omwami nga wa mukazi omu, afuga obulungi ab'ennyumba ye. Kubanga, bw'aba tamanyi kufuga ba nnyumba ye, asobola atya okufuga ennyumba ya Katonda? Naye tukwebaza nti ow'oluganda ono atuukirizza ebisaanyizo bino, era tumulabamu Omwoyo wa Katonda.

14 Era aleese muwala we omuwere wano, okuwongebwayo. Omubawadde bamukuze. Ayi Katonda, nate nga kituwa essanyu, okwogera nti, okuyaayaana kwabwe kwe kulaba nti abeera nga baganda be abalala. Tusaba, Kitaffe, kibeere bwe kityo. Era tusaba nti omwana abe mulamu era—era akuweereze mu ngeri ey'amaanyi, Kitaffe. Era kaakano, mu Linnya lya Yesu Kristo, tuwaayo omwana ono gy'Oli olw'obulamu obw'okuweereza. Mukuume nga mulamu bulungi, nga wa maanyi; leka awangaale nnyo, okutuusa Yesu lw'alidda, bwe kiba kisoboka. Nate era, Kitaffe, tukkiriza nti anaakuzibwa mu kutya Kristo. Bwe kityo obulamu bwe tubuwaayo gy'Oli, olw'obulamu obw'okuweereza. Amiina.

15 Rebecca, Katonda akuwe omukisa. Nammwe Katonda abawe omukisa Ow'oluganda Wheeler, ne Mwannyinaffe Wheeler. Mukama abeere nammwe.

16 Oli otya? Kati waliwo akawala akalala akato akajudde akamwenyumwenyu. Erinnya bakayita ani? [Nnyina w'omwana addamu nti, "Rhonda Renee Coats."—Omuk.] Rhonda Renee Coats, ly'eryo? Olina oluganda lwonna ku ba Jesse ne ba, Jesse Coats? ["Nedda."] Ndowoozezza nti . . . Waliwo ba Coats be nnali mmanyi wano mu kibuga. Nnali mbamanyi bulungi nnyo, era twali—twali bamukwano okumala—okumala ebbanga ddene.

17 Rhonda, Rhonda Renee. Simanyi oba onajja gyendi, Rhonda? Nja—nja kukuzzaayo ewa maama wo, mangu ddala nga tumaze okukuwaayo eri Mukama waffe Yesu. Kati, si muwala mulungi!

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

18 Kitaffe Ow'omuggulu, omukadde Wo nange nga tuyimiridde wamu akawungeezi kano, mu bumu n'okukkiriziganya mu Njiri, maama ono aleese omuto ono Rhonda Reene gy'Oli okuwongebwayo. Omumukwasizza, amulabirire, era ekisooka ky'asobola okukola kwe kumuwaayo gy'Oli. Nga Yobu ow'edda bwe yayogera nti, Mukama y'agaba ebintu bino. Era tukusaba, ayi Katonda, Omukuume mirembe okutuusa ekiseera w'Olitwalira. Era, ayi Katonda, tusaba atambulire mu bulamu bwennyini obw'Ekikristaayo era abeere eky'okulabirako eri abalala, nga bw'akula. Wa omukisa amaka mw'ava, era leka

gawongebweyo gy'Oli, ku lw'obuweereza obujjuvu, n'emitima egijjudde obwesigwa. Era kaakano, ayi Katonda, tuwaayo gy'Oli Rhonda Renee Coats, mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'obulamu obw'okuweereza. Amiina.

Mulungi nnyo! Katonda akuwe omukisa, mwannyinaffe.

19 Oli otya! [Mwannyinaffe agamba nti, "Robert Paul Schamel."—Omuk.] Robert Paul Shane? ["Schamel."] Schamel.

20 Kati, watya . . . Naye ate olabika nga akyali omuto, sirowooza nga ekyo kisobola okukunyiiza. Nze leka kunsekerera bw'otyo. Tunula wano, bw'oba onoonya kya kusekerera. Robert Paul, nga linnya ddungi!

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

21 Ayi Katonda, nga omuwala ono omuto bw'ajja wano; weewaawo, eri ffe, akyali mwana. Naye awaayo mutabani we, Ayi Katonda, okutambulira mu bulamu obw'okuweereza gy'Oli. Kye kibala era ekyo ekivudde mu kutabagana kwabwe. Nsaba, ayi Katonda, nga omukadde Wo nange bwe tuteeka emikono ku muto ono, obulamu bwe buwongebweyo gy'Oli. Tusaba, Mukama, bwe wabaawo olw'enkya, atwale Obubaka bazadde be—bazadde be bwe bawuliriza, ayi Katonda. Kituwe. Era nkusaba amaka gaabwe Ogawe omukisa, n'omwana akuzibwe mu kutya Katonda, era abeere o—omuyigirizwa Wo omwagalwa. Tumuwaayo gy'Oli mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

22 Eky'amazima, mulenzi mu—mulungi ddala. Kyo bwe kiri. Yee, ssebo. Tosobola kusaba kirungi kisingako awo, osobola? Mu nsi yonna, teri kirungi kiyinza kusinga muto ono, kyo bwe kiri. Yenna musanyufu! Ekyo si kirungi?

23 Ekyo lumu mukyala wange kyamuleetera okukwatibwa omulimu gwange ensaalwa, olw'okusitula obwana obwo obuwere. Ayagala nnyo okubusitula. Nange, nkyagala, naye mbeera ntya nti nja kubumenya. Omanyi, buba buli, buba bulabika bulungi nnyo naye ate nga bwa kwegendereza, naye, omanyi, bu—buba bugumu nnyo n'okutusinga.

24 Kati, nnabagambye ndi wa kufuluma . . . Kati, nsigazzaayo eddaakiika asatu mu ttaano zokka. Kitegeeza nnina okwanguwako, si bwe kiri? Leka, tulabe. Si—si—sigenderera bu—butekkaanya bulungi oba okubaako kye njogera ekitali kyo, naye ŋŋenda kugezaako nga bwe nsobola, kubanga . . . Omanyi, bwe tugenda tu—tukulirira, tuba—tuba tetukyasobola kukola nga bwe twakolanga, omanyi. Olugendo oluusi lukaluba, ne kiba nga okuba n'enkuŋŋaana bbiri oba ssatu mu lunaku olumu, ddala . . .

25 Ate ekisinga okumenya ennyo, kwe kwolesebwa okwo. Okubuulira tekummenya. Bannange, nnyinza n'okuyimirira wano okumala olunaku lwonna, ne kitammenya yadde, naye . . . Naye okwolesebwa okwo, ate abantu bwe babeera bazze nga

baliko bye babuuza, ekyo kye bateekwa okufuna. Olaba? Ekyo kye kiba kibaleese. Kiba kintu ekitasobola kugonjoolwa nga obassaako bussa mikono. Babeera balina okumanya kwe kyasibuka, kyatandika kitya, kiki ekyakireeta, kyava ku ki, na kiki ekirina okukolebwa okusobola okukivaamu. Ekyo kye kiba kibaleese.

26 Kati, olukuŋŋaana lutandika, kwosa nkya . . . manya, nedda, munsonyiweko, lutandika kawungeezi ka Lwakusatu, mu Shreveport, Louisiana. Era bwe wabaawo mu mmwe abalina mikwano gyabwe erudda eyo, kale nno, mubagamba ne bajja. Ndowooza, mu kkanisa ya Life Tabernacle, gye—gye lujja okutandikira, mpozzi abantu bwe banaaba bayitiridde obungi olwo ne balyoka bakozesa ekizimbe omukuŋŋaanirwa, bwe banaaba basobodde okukifuna, kubanga ekyo kibongera ekifo aw'okutuuza abantu. Naye balina waggulu omwaliiro aw'okutuula, n'omwaliiro omunene ogutuukirwamu, ate n'omwaliiro omulala wansi w'ogwo. Weewaawo, simanyi ddala bantu bameka be basobola kutuuza, naye ki . . . Bwe banaayitirira obungi, oba oli awo tusobola okufuna ekizimbe omukuŋŋaanirwa ekiri ebusukka kkubo, ekinaa . . . Nakyo, simanyi bantu bameka be kituuza. Nnali nkozeeyo enkuŋŋaana, naye sijjukira. Luno lukuŋŋaana olunene olubeerawo buli—buli mwaka.

27 Nnaliyokko kati wayiseewo emyaka esatu, era twatandika okudda obuggya, mu Linnya lya Mukama, era tekuyimiriranga, okuva olwo. Kweyongera bweyongezi mu maaso, tekuzikira; buli lunaku abantu bajja ne balokoka, ne babatizibwa, era bagenda mu maaso ne Mukama bwe batyo, abaweereza n'abalala aba buli ngeri bagendayo. Era ffe tu . . . Era kasita egenda mu maaso bw'etyo, nange ne nfuna akakisa okujjako eno, mbeera njagala njikyalire buli kaseera, mbeeko ebigambo ebitonotono bye njogera oluvannyuma nne—nneeyongereyo.

28 Kati, olwo lwa kutandika ku Lwakusatu, lukomekkerezebwe ku Ssande. Eky'enkya ky'Abasajja Abakristaayo Abasuubuzi kya . . . Ssi . . . nneerabidde erinnya lya wooteeri eyo . . . nzikiriza nga . . . bagiyita . . . Bo, banaababuulira nga mutuuseeyo. Lukuŋŋaana lwa kya nkya ky'abasajja abasuubuzi.

29 Omulundi gwe twasembayo okubeerayo, eri mmwe abasuubuzi abali wano, twalina ekiseera eky'ekitalo. Wa—waliwo labbi Mukama gwe yalokola, mu kibuga eyo. Era, ha, byonna ebyaliwo ssibimanyi. Naye kyali kiseera kya kitalo mu Mukama, erudda eyo, bwe nnabuulira ku Ndagaano ey'Omusaayi. Kale twa . . . Ekyo Abayudaaya kye bategeera; gwe musaayi. "Awatali kuyiwa musaayi, tewali kusonyiyibwa," olaba.

30 Kati leka tugende butereevu mu Kigambo, era ŋŋenda kukola kyonna kye nsobola okutuukiriza ekigambo kyange gye muli.

31 Era kati, Mukama nga ayagadde kati, ku Ssande nga Ssekukkulu ewedde, bw'olisangibwa nga oli mu luwummula nga olambulalambulako, nga teri buseerezi n'ebiri nga ebyo, kiki ekigaana, bw'o—bw'oba nga oli wa wano kumpi, lwaki nedda, jangu. Era tuluubirira okuba n'okusaba wano ku makya ga Ssande, olwa—olwa—olwa Ssande eyo nga Ssekukkulu ewedde. Ku olwo ziriba ennaku z'omwezi mmeka? [Waliwo agamba nti, "Abiri mu mwenda."—Omuk.] Abiri mu mwenda, olunaku olw'Abiri mu omwenda, olwo lwe lwa Ssande nga Sekukkulu ewedde, lunaku lwa abiri mu mwenda. Kati, ssinga wabaawo ekigwawo, ekintu kyonna, ne tulemesebwa, ne tutasobola kubeera wano . . . Mumanyi, tetumanyi binaabaawo. Naye ssinga wagwawo ekintu kyonna, ne kiba nti, mmwe abava ebweru w'ekibuga, okujja wano, okugeza nga abo abava emmanga mu Memphis . . .

32 Nnayagadde okuwulira Ow'oluganda Ungren nga ayimba oluyimba olwo *Nga Oli Mukulu.* Naye simanyi . . . Waali akawungeezi kano?

33 Kale, nno, bulijjo mbeera n'ebintu bingi nnyo, byonna siyinza kubikola, byonna siyinza kubikola. Katonda abawe omukisa, bantu mmwe.

34 Kati leka tubikkule mu Byawandiikibwa kaakano tubeeko Ekyawandiikibwa e—ekitonotono kye tusoma. Kibeere nti, ebigambo ebyange bwe biremererwa, Bino byo tebijja kulemererwa. Ne Katonda anaabawa omukisa olw'okusigalawo, okuwuliriza Ekigambo Kye. "Okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira, okuwulira Ekigambo kya Katonda." Si bwe kiri? Kati bwe mbadde ndowooza . . . Nga, bwe mubikkula mu njiri y'Omutukuvu Yokaana essuula ey'o 6, okutandikira ku lunyiriri olw'e 60, tusome okutuuka ku lw'e 71 nalwo tulusome. Omutukuvu Yokaana 6:60.

35 Kati mbadde ndowooza, bwe mbadde ntunula ebweru mu ddirisa gye buvuddeko katono, nga nneetegereza enjuba nga egolooba nga ndaba obutonde bwonna nga bwe bulina etteeka kwe butambulira. Era nga ebiseera eby'obutiti bwe bijja, etteeka, ly'obutonde, kyekola kyokka, amasanda ne gakka wansi mu mirandira gy'omuti. Ne geekweka.

36 Nga Yobu bwe yagamba nti, "O, ssinga Onkweka emagombe, n'Onkweka mu kifo eky'ekyama okutuusa nga obusungu Bwo buweddewo." Era kati, ky'ekyo, "Ssinga Onkweka!" Olaba, yalaba obutonde o—obutonde, omuti, obulamu nga bukka wansi mu mirandira; Ow'oluganda Way. "Ne mbeera eyo okutuusa nga obusungu buweddewo, ne ndyoka mpitibwayo ne ntegekerwa ekiseera." Olaba?

37 Obutonde bulina etteeka. Waliwo etteeka ly'obutonde; tewali ngeri yonna ya kulyebalama. Tteeka lya butonde. Ate ne

wabaawo n'etteeka ly'omwoyo; eryo nalyo, tewali, ngeri ya kulyebalama.

38 Waliwo abafumbo be mbadde njogera nabo olw'eggulo lwa leero, ku bikwata ku kuba nti, tewali kintu ky'oyinza kusaanyizaawo ddala. Abantu tebayinza kusaanyizaawo ddala. Basobola okukutulakutulamu ekintu, naye si kukisaanyizaawo ddala. Ne wabaawo eyagambye nti, "Kati, ate bw'oddira olupapula n'olwokya, ekyo kirusaanyaawo?" Nedda, ssebo. Ebbugumu ly'omuliro, likutula bukutuzi birungo ebirulimu. Ne biddayo ne bifuuka emikka egy'enjawulo, gye byali okusooka. Tosobola kusaanyizaawo ddala. Era ssinga ensi ewangaala ebbanga eriwereraako ddala, emikka gye gimu, egyo ne—n'ebirungo ebibadde mu lupapula olwo, bisobola okuddamu ne bifuuka olupapula nate. Ekyo ddala bwe kiri. Tosobola kusaanyizaawo ddala. Bwe kiri ddala.

39 Kati awo, Katonda. Bwe kiba nti buli kintu kiriko okuzuukira, ne kikomawo nate, nga tewali kusaanirawo ddala, kitegeeza waliwo okuzuukira kw'abatukuvu, weewaawo, era tulina okukomawo. Bwe kityo bwe kiri. Tewali ngeri ndala yonna n'akatono. Si nsonga oba bakwokezza n'osirikka, oba obbidde mu mazzi, oba kiki kyonna ekibaawo, tekiyinza kukusaanyizaawo ddala.

40 Ggwe jjukira kimu nti buli kitundu kya mubiri gwo kyonna kyali wano, Katonda bwe yayogera ensi n'ebaawo. N'omubiri gwo yaguteekawo wano mu kiseera kye kimu ekyo. Era tewali kintu kyonna kisobola kugujjawo okuggyako Katonda yekka. Byonna biddayo mu mikono Gye nate. Okiraba? Ate era Ye y'Omu, Oyo, Omutonzi, yali Ye eyakola ekisuubizo, n'olw'ekyo tuli bakakafu nti waliyo Obulamu Obutaggwaawo. Era tulina obukakafu mu mitima gyaffe kati, nti kati tulina Obulamu obw'Olubeerera, Obulamu Obutaggwaawo obutayinza kufa, mu ffe kati. Kale.

41 Omutukuvu Yokaana 6. Leka tutandike n'essuula ey'o 6 ey'enjiri y'Omutukuvu Yokaana, okutandikira ku lunyiriri olw'e 60.

> *Awo bangi ab'omu bayigirizwa be, bwe baawulira, bwe baawulira, ne bagamba nti, Ekigambo ekyo kizibu; ani ayinza okukiwuliriza?*
>
> Awo *Yesu bwe yamanya . . . munda mu ye nti abayigirizwa be beemulugunyira kino, n'abagamba nti, Kino kibeesittazza?*
>
> *Kale . . . kiriba kitya bwe muliraba Omwana w'omuntu* nga alinnya okugenda *gye yali olubereberye?*
>
> Kiri—kiri nti *o . . . omwoyo gwe guleeta obulamu; omubiri teguliiko kye gugasa: ebigambo bye mbagambye, gwe mwoyo* (ebyo ye Ye), *era bwe bulamu.*

(Yagamba atya? "Nze Mazima, n'Obulamu.") . . . *ebyo gwe mwoyo, . . . ebyo bwe bulamu.*

Naye waliwo abalala mu mmwe abatakkiriza. Kubanga Yesu yamanya okuva ku lubereberye abatakkiriza bwe baali, era n'agenda okumulyamu olukwe bw'ali.

N'agamba nti, Kye nvudde mbagamba *nti tewali ayinza kujja gye ndi bw'atakiweebwa Kitange.*

Ab'oku bayigirizwa be bangi kye baava bataddayo kutambulira wamu naye nate. ("Kigambo kizibu," olaba, yali tasobola kukitwala.)

Awo Yesu n'agamba ekkumi n'ababiri nti, Era nammwe mwagala okugenda?

Simooni Peetero n'amuddamu nti, Mukama wange tunaagenda eri ani? kubanga *olina ebigambo by'obulamu obutaggwaawo.*

Naffe tukikkiriza ekyo *era tukakasa nga ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu.* (Bannange!)

Yesu n'addamu n'agamba nti, Si nze nnabalonda mmwe ekkumi n'ababiri, era omu ku mmwe ye ssetaani?

Yayogera ku Yuda omwana wa Simooni Isukaliyoti, kubanga ye yali agenda okumulyamu olukwe, ye omu ku kkumi n'ababiri.

42 Kati, eky'okuyigako ky'akawungeezi ka leero bwe mba wa kukiwa mutwe, ngezeeko nga bwe nsobola okukwatira ddala ekitundu ky'essaawa ekyo, njagala kwogera ku: *Ebika Ebisatu Eby'Abakkiriza.*

43 Era bulijjo ekigambo ekyo ntera okukyogera. Kale nnalowoozezza muli nti, "Naye, ka nzikirize nti nnaakibuulirako, olw'eggulo lwa leero." Bwe ntyo bwe nnalowoozezza.

44 Ekisooka be bakkiriza, abeefaananyiriza abakkiriza, n'abatakkiriza. Kati, ekyo nno kya—kya—kyakuyigako kikulu. Naye, nga bwe tutudde wano akawungeezi kano, n'ebibinja ebyo bulijjo bibeera bikuŋŋaanye wamu. Wonna abantu we baba bakuŋŋaanidde awamu, ebibiina bino tubisangawo, era ndowooza tujja kubeera nabyo okutuusa Okujja kwa Mukama waffe. Era njagala, akawungeezi ka leero, twekebere, nga bwe njogera ku bibinja bino ebisatu, tulabe kibinja ki mwe tugwa.

45 Kati mujjukire, oba oli awo wano njogera eri . . . Ekkanisa eno, n'akawungeezi ka leero era ekubyeko, yonna, ne ku bisenge ne mu nkuubo, naye era mu kiseera kye kimu njogera eri ensi yonna. Mukiraba? Mu bitundu by'ensi ebitali bimu, entambi zino yonna zituukayo, okuyita mu buweereza obw'entambi.

46 Kati njagala kwogera ku bika by'abakkiriza eby'enjawulo bisatu kaakano. Kati mujjukire nti, *bakkiriza*, eky'okuyigako kyange kiri ku *bakkiriza*. Omu ku bo mukkiriza omutuufu, addako ye yeefaanaanyiriza obwefaanaanyiriza omukkiriza, ate omulala y'atakkiriza. Mulaba?

47 Kaakati, ekibinja ekisooka kye twagala okwogerako, ye mukkiriza. Kubanga, ndowooza oyo y'asaanye okusooka, kubanga oyo y'akkiririza ddala, kati, akkiriza nga abayigirizwa bwe bakkiriza wano. Tugenda kukozesa Ekyawandiikibwa kino ekisomeddwa nga eky'okulabirako. Kati ekisooka be bakkiriza, abakkiriza aba nnamaddala. "Era okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira, okuwulira Ekigambo kya Katonda," Ekigambo kya Katonda nga ekyo ye Kristo. Mukiraba, abakkiriza!

48 Kati, mwetegerezza ekigambo kino ekikulu omukkiriza ono kye yayogera? Kati, omukkiriza tekimwetaagisa kuba mugezi mu ntegeera nga ey'ensi ey'okuba omugezi. Tekimwetaagisa kuba muyivu mu ngeri abantu bano gye bagezaako oku—okugamba mbu bw'otyo bw'olina okuba; nga ate si bw'olina okuba. Ggwe. . .Omusajja ono eyayogera ekigambo kino, Bayibuli Yennyini egamba nti yali "tamanyi kusoma" era nga "teyasoma." Peetero, ddala yali tabalibwa nga muntu omugezi.

49 Mu Isaaya 35, wagamba nti, "Eribaayo oluguudo, n'ekkubo, era liriyitibwa, 'Kkubo lya butukuvu.' Abatali balongoofu tebaliriyitamu."

50 Mbadde njogerako n'omu ku badiikoni eggulo lino, nga twogera ku ntindo ezitindira erudda n'erudda, ne luno olupya. Ne ŋŋamba nti, "Waliwo entindo nnyingi kwe basomokera amazzi, n'entobazi ennaku zino." Ne ŋŋamba nti, "Naye waliwo olutindo lumu olunene oluva ku nsi ne lutuuka mu Kitiibwa, luyitibwa, 'Oluguudo lwa Kabaka.' Abatali balongoofu tebaliruyitako." Ky'ekyo. Lwe—lwe luguudo olwazimbibwa Kristo Mukama waffe, olutindo olwakolebwa okuva ku nsi kuno nga lugenda mu Nsi endala, naye abatali balongoofu tebaluyitako.

51 Peetero, omuntu ono ataasoma, owa. . .nga ayimiridde kumpi awo, bwe yamala okulaba Ekigambo ky'ekiseera nga kikakasiddwa ddala, ekyo Katonda kye yasuubiza okubaawo mu biro ebyo nti waali wa kusitukayo Omu oyo aliba nna—Nnabbi wakati mu bo. Era Simooni tekyamubeerera kyangu kukikkiriza, kubanga kyali kigeegeenyezeddwa nnyo. Naye bwe yalaba Ekigambo ekya nnamaddala, ekituukiriziddwa eky'omulembe ogwo, n'amuwulirira ddala bulungi nga Yeeyoleka, ya—yamatirira ddala obutasigalamu kankunkuna konna nti Ye Ye. Era ye yagamba n'okugamba, nti, "Mukama, tunaagenda eri ani?" bwe kyamubuuzibwa.

52 Ebi—ebibiina bwe byeyawulamu, wakati w'abakkiriza, n'abatakkiriza, n'abeefaanaanyiriza okuba abakkiriza, ebika

ebyo byonsatule byali biyimiridde awo mu kibiina ky'abantu abo; abakkiriza, abeefaanaanyiriza abakkiriza, n'abatakkiriza, ebisangibwa wano wennyini mu ssuula eno. Era olw'okuba Yesu yali ayogedde Ebigambo mu ngeri gye yali abyogeddemu, kyayawulamu ekibiina Kye. Naye kiteekwa okukolebwa.

53 Bwe yawonyanga abalwadde awo Yabanga muntu wa kitalo, naye bwe gwatuuka ku Njigiriza n'obunnabbi, ekyo kye kyayawula e—ekisusunku okuva mu ŋŋaano. Olaba? Ekisusunku kiba kyekutte bwekwasi ku ŋŋaano. Tekiba ŋŋaano. Tekisobola kukozesebwa. Tekiriimu kantu. Tekibaamu Bulamu mu kyo. Kikuta bukuta, tekisobola kusigala na ŋŋaano. Tekirisikira wamu na ŋŋaano. N'olw'ekyo kirina oku . . . Wano empeke gye twogerako, omutima gw'empeke y'eŋŋaano.

54 Kati wekkaanye, Peetero yali mukakafu nti Oyo ye yali Masiya. Kati, teyali nsonga oba abalala bonna baagamba ki. Teyali nsonga oba bakabona bo kiki kye baagamba. Eri Simooni Peetero ekkanisa kye yayogera tekyali kikulu. Ye ku lulwe, yali aweddemu akakunkuna.

55 Yesu yamugamba, olumu bwe yabuuza nti, "Abantu bampita ani?"

56 "Abamu ne bagamba nti Oli 'nnabbi,' ate abalala ne bagamba nti Oli 'omu ku bannabbi ab'edda y'azuukidde,' aba—abalala nti Oli 'Musa,' oba 'Eriya,' oba omulala."

N'agamba nti, "Mbuuzizza *mmwe*. Mmwe mulowooza ki?"

57 Peetero n'amugamba nti, "Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu."

58 N'agamba nti, "Oli wa omukisa ggwe, omwana wa Yona; Simooni omwana wa Yona; kubanga omubiri n'omusaayi kino si bye bikikubikkulidde. Tewakiyiga kuva mu kitabo, oba mu kikwate ky'enjigiriza, oba mu katikiisimu. Wa . . . Kitange, ali mu Ggulu, y'akikubikkulidde." Oyo ye mukkiriza owa nnamaddala; okubikkulirwa kw'Ekigambo okw'omwoyo. Olaba? Era- . . . "Ggwe Simooni, era ku lwazi luno, olw'okubikkulirwa kwo okw'ekyo kye Ndi, kwe Ndizimba Ekkanisa Yange, n'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza." Olaba?

Ky'ova olaba Simooni yagamba nti, "Tunaagenda eri ani?"

Yesu yakyuka n'abagamba nti, "Nammwe mwandyagadde okugenda?"

59 Ne bamugamba nti, "Mukama waffe, nga tudda eri ani, nga tulaga wa? Kubanga, Ggwe wekka alina Ebigambo by'Obulamu. Ye Ggwe wekka."

60 Kubanga, teyalina bubeezi Bigambo bya Bulamu kyokka, Ye yali Ekigambo eky'Obulamu. Olaba, Ye yali Ekigambo ky'Obulamu, era kino Simooni yakitegeera bulungi ddala.

Era bwe yakitegeera, ekyo kye kyamunyweeza, kubanga kyamubikkulirwa nti Oyo ye yali Ekigambo kiri ekiramu.

61 Kati, oyo ye mukkiriza owa nnamaddala, nga Omwoyo Omutukuvu; so si kusendebwasendebwa muntu mulala, oba ekintu ekirala kyonna. Wabula Omwoyo Omutukuvu nga y'akubikkulidde Ekigambo Kyo kyennyini, n'olaba Ekigambo nga kyanjulukufu, nga kikakasiddwa; awo Omwoyo wa Katonda ajja n'ayingira mu mulembe ogwo, olw'Ekigambo ky'omulembe ogwo, n'akireetera okulabisibwa.

62 Omuntu yandiziyiziddwa atya okukkiriza Luther ssinga ekyo yakitegeera? Luther yali muddaabuluzi. Omwoyo-gw'omuntu awo gwe gwagenda okuddaabulula. Ne Wesley, mu ngeri y'emu. Baalina okubukkiriza. Olaba, obwo—obwo bwe bwali obubaka eri omulembe gw'ekkanisa. Ky'ekyo kyennyini ekyali kigenda mu maaso. Ky'ekyo ekyalina okubeerawo. Walina okubukkiriza.

63 Kati tuutuno wano tutuuse, ku Mulembe gwa Lawodikiya. Era tuyigirizibwa, mu Mulembe gwa Lawodikiya, nti Kristo yagoberwa bweru wa kkanisa Ye; era yali na ku luggi nga akonkona, agezaako okuddayo munda. Kati ekyo bwe tukiraba nga kigenda mu maaso, tumanya mulembe ki gwe tulimu.

64 Nate, ekirala, tuli ku kukomekkerezebwa kwa byafaayo bya nsi. Ekitabo kaakano kiri mu kuggwaako. Lumu omusittale ogusembayo gulikiwandiikibwamu, ne kibikkibwako, olwo ekiseera kiriba kiweddeyo.

65 Era waliwo katemba ow'ekitalo ategekebwa. Era Bamalayika bayimiridde waggulu mu bbanga, beetegereza. Katemba mumumanyi. Abazannyi beetegese. Mubalaba n'okubalaba nga bazannya.

66 Omubi mumulaba bw'azannya. Musobola okulaba oyo azannya ekitundu ky'omubi mu muzannyo, bw'avaayo mu bukalabakalaba bwe, okulimbalimba.

67 Naye era n'Ekkanisa ey'okukwakkulibwa mugiraba nga Yeetegeka. Kifaananyi kya kitalo. Mulaba Okubeerawo kwa Katonda nga kukakasa era nga kuleetera katemba ono ow'ekitalo eyalagulwako wano mu Bayibuli, okweyoleka alabisibwe. Nga kiseera kikulu nnyo okubeeramu, ekiseera ekisingayo okuba eky'ekitiibwa! Abantu ab'omu mirembe gyonna baayaayaniranga ekiseeera kino. Bannabbi ab'edda baayagala nnyo okulaba ekiseera kino, naye tebaaweebwa kakisa kukiraba.

68 Kati, oyo ye yali omukkiriza. Kubanga, yakiraba. Yakikkiriza. "Tumatiridde ddala nti Ggwe Kristo, Masiya, Ekigambo kya Katonda eky'ekiseera kino, era ekyo kye tukkiriza." Olaba, oyo yali mukkiriza yennyini.

69 Ka tulabeyokko ku bakkiriza abalala abatonotono, mangu ddala, nga tetunnagenda ku kika kiddako. Leka tulabe ku nnabbi, Nuuwa. Bwe ya, oba oli awo nga bwe yali omulimi, osanga kye yali, mu biro ebyo. Naye abasekerezi ne bannaddiini ab'ebiro ebyo. . . Ekkanisa yali eserebye nnyo, Katonda n'ayogera ne Nuuwa, n'agamba Nuuwa nti wa kuzimba ekyombo. Nuuwa ekyo teyakikubaganyaako birowoozo na Katonda. Yakikkiriza, nti Kye kyali Ekigambo kya Katonda, n'agenderawo butereevu okutegeka.

70 Oyo ye mukkiriza yennyini. Tokisikirako muguwa. Kasita oggweeramu ddala akakunkuna, nti kye kyo. Kiringa omuntu yenna, okukkiriza okw'engeri yonna, enkola endala yonna. "Okukkiriza kujja nga kuyita mu kuwulira." Ssinga oyimirira wano, ne bwe kiki kyonna omusawo ky'agamba nti kye kikuluma! Nga, amaze okuzuula ekikuluma n'akikutegeeza, nga oba oli awo ne ky'ayogerako akimanyi bulungi, okusinziira ku byuma bye ne ku kumanya kwe, naye n'akugamba nti tewakyali kya kukola ogenda kufa. Wabula, n'osaba, era nga bw'olengera mu biseera eby'omu maaso olaba omusajja oba omukazi omulamu obulungi ddala ayimiridde awo. Ddala, kiba ekyo kyennyini. Era bwe kiba ddala. Amazima gennyini ekyo obeera ojja kukiyingiramu butereevu, kubanga okikkiriza. Katonda aba akyogedde. Obeera okimanyi nti bwe kityo bwe kiri.

71 Nga mukazi wattu oli eyali akolola kookolo, olaba. Teyalinaamu kubuusabuusa kwonna mu mutima gwe, kwebuuza oba kyali kigenda kubeerawo. Kookolo yali afudde, yakutukako, n'avaawo. Okiraba? Ky'ekyo. Okikkiriza.

72 Nga taata oli eyaleese katabani ke, munda wali, gye buvuddeko. W'ali ne wano mu kizimbe kati. Akalenzi kaali kaagwa ekigwo, ne katabuka omutwe. Nga tekakyalina kye kajjukira. Waayiseewo akaseera katono, oluvannyuma lw'okusaba, ne nkabuuza amannya gaako. Ne kagambuulira, wamu n'emyaka gyako, nga kalamu bulungi nga omulenzi omulala yenna. Olaba? Bakkiriza. Era Katonda bw'abaako ekintu kyonna ky'ayogera, bwe kityo bwe kirina okuba.

Kale Nuuwa yakkiriza Katonda, era Nuuwa n'abalibwa okuba omukkiriza.

73 Danyeri, ekkanisa bwe yali mu busibe mu Babulooni, Danyeri yakkiriza Katonda. Era ne bwe baayogera ebyenkana wa mbu, "Tujja kuyisa ekirangiriro. Tebajja kusaba katonda mulala yenna okuggyako ekifaananyi kino wano," eky'omutukuvu ono, oba kyonna kye kyali. Danyeri ebyo teyabifaako yadde. Yali amaze okuwulira Katonda, kubanga yali nnabbi, kale Ekigambo kyajja gy'ali. Kuba ne yeekaalu bwe yali ewongebwaayo, kyali kyayogerwa nti, "Omuntu yenna bw'abanga mu buzibu mu ggwanga lyonna, n'ayolekeza amaaso ge eri ekifo ekitukuvu, n'asaba, owuliranga okuva mu

Ggulu." Bw'atyo Danyeri yakkiriza Katonda. Yali mukkiriza owa nnamaddala, era empologoma tezaasobola kumulya. Kati ky'ekyo, olaba, yali mukkiriza. Yalina ekintu kyennyini ekya nnamaddala. Yali mukkiriza.

Dawudi, omukkiriza omulala, akalenzi akaali kaaboolebwa.

74 Danyeri teyassa kimu na kkanisa ya mulembe ogwaliwo, ne Nuuwa teyassa kimu na kkanisa ya mulembe ogwaliwo. Tebaakikolako. Baali bakkiriza mu ebyo Katonda bye yali ayogedde nti ge Mazima. Ensi ey'omulembe ne bwe yayogera ebifaanana bitya, bo bakkiriza ebyo Katonda bye yayogera nti ge Mazima. Abo be bakkiriza aba nnamaddala.

75 Nga era ne Peetero bwe yakola, n'abatume, bakkiriza nti ye Yalina Ekigambo eky'Obulamu era ye yali Ekigambo eky'Obulamu. Nzikiriza ekintu kye kimu leero. Era ekintu ekirala kyonna ekyawukana ku Ekyo kiba kikontana, kiba tekiriimu, kuba kufa. *Kino* kyokka kye Kigambo eky'Obulamu, era Kristo ye Kigambo.

76 Kaakati, Dawudi, akasajja akamyukirivu. Ekisooka, oba oli awo baganda be baamujooganga, olw'okuba yali mutono. Teyali munene kimala kusobola kwambala kyambalo kya lutalo. Nga tasobola na kugenda mu lutalo, yali nnyamayaalwo nga yenna mukovvu. Naye, ate, ye yeesowolayo, nga omukkiriza.

77 Era nga ali eyo mu ddungu, (alunda e—endiga eziwerako kitaawe ze yali yamukwasa okulabirira, nga alina envuumuulo, mu kitundu ekyalimu empologoma n'amalubu n'emisege, n'ebirala), Dawudi yatanula okutunuulira omuddo ogwo omuto ogulimu ekisiikirize, era yategeera kye gutegeeza eri endiga okukakkana wansi mu kisiikirize ekyo, n'egalamira wansi mu ppereketya w'omusana; yali amanyi amazzi amalungi, amannyogovu kye gategeeza, nga bwe yagamba nti, "Nga empeewo bw'ewejjawejja nga enoonya akagga k'amazzi, n'emmeeme yange erumwa ennyonta ku Lulwo, Ayi Katonda." Olaba? Yali akaabyeko, n'okusaba n'asaba.

78 Lwali lumu ne wagwawo obuzibu, empologoma bwe yasikula emu ku ndiga ze, n'edduka. N'alowooza muli nti, "Katonda eyankola wa maanyi okusinga empologoma!" Olaba? N'akwata envuumuulo n'alasa empologoma n'egwa ku ttaka, ng'akozesa ejjinja eryali mu nvuumuulo. Kati, bwe waba waliwo omuntu yenna eyali alabye ku mpologoma, nga empologoma ezo ez'omu Afirika, ensajja zibeera n'omwoya mu bulago kati ezo ze ziri ne mu Palesitina ne mu Asiya, asobola okutegeera emu ku zo bwe yali efaanana. Kuba, n'essasi eddene ddala erya maginaamu bisatu si kyangu kugisuula ku ttaka, naye ye yagikubisa jjinja n'egwa ku ttaka. Era empologoma bwe yamugolokokerako, n'agivumbagira mu kirevu n'agitta. Ye nsonga lwaki yali amanyi kye yali ayogerako; yalina kye yali ayiseemu. Yali agezesezza Katonda, ku bikwata ku Kigambo Kye.

79 Kale te—teyatya Goliyaasi, kubanga, yali si mukomole. Teyali mukkiriza, n'akatono; era Goliyaasi bwe yeesowolayo n'amukolimira mu linnya lya bakatonda be.

80 Ate nga Goliyaasi, yali amusingira wala obunene; lyali ssajja ddene, nga lirina engalo za yinci kkumi na nnya. Kati, engalo zandibadde zenkana *wano* obuwanvu, olaba, engalo za yinci kkumi na nnya, nga mulwanyi. Era osanga n'ekyambalo ky'ekyuma kye lyali lyambadde, osanga kyali kiweza obuzito bwa kiro kikumi asatu mu mukaaga, oba n'okusingawo, olaba, kye lyali lyambadde. Sseppeewo, n'oguntu . . . ndowooza nga geegi yaagwo obugazi guweza yinci nga emu n'ekitundu. Li nnaggwano eryenkana awo, nga litambula n'e—n'empiso y'omutunzi egambibwa okuba mbu yali eweza fuuti amakumi nga abiri. Mu mukono gwalyo lyali likutte effumu lya ffuuti abiri. Kati nga muntu ki ayinza . . . Esajja eryenkana awo eryali lisobola okuyimirira obuyimirizi ne likwata abasajja kkumi na babiri, ne libakasuka eri bwe *lityo,* nga bwe bazze. Nga gwali muziziko gwa maanyi!

81 Nga liri awo, liyimiridde, lyonna lyeenyumiriza mu ekyo kye liri, lyewaana. Nga . . . kirabika nga awatali kakisa konna ka kulisumatuka, olaba, ne ligamba nti, "Tugire . . . tuleme kuyiwa musaayi." Ne ligamba nti, "Leka—leka waveeyo omusajja omu ajje annwaanyise, bwe nnaamuwangula, nga mwenna mufuuka baddu bange; ate bw'a—bw'a—bw'awangula, nga ffe tufuuka baddu bammwe." Olaba, ssetaani bw'alowooza nti mu buli ngeri wa kukumegga, olaba, awo w'ayagalira yeewaane. Naye lyeŋŋanga muntu mukyamu. Lyeŋŋanga akasajja akaali kasingayo, obutono ku kyalo, akasongodde obubegabega, akamyukirivu.

82 Kaagamba nti, "Mwagala kuŋŋamba nti mmwe, e—eggye lya Katonda omulamu, mugenda kuyimirira awo muleke Omufirisuuti oyo atali mukomole anyoomoole eggye lya Katonda omulamu?" Ddala, kyakakuba encukwe! Lwaki? Lwaki? Kaali kakkiriza. Bali abalala baali beefaanaanyiriza bwefaanaanyiriza kya kuba bakkiriza. Mukiraba? Olaba, yali mukkiriza owa nnamaddala. Kaagamba nti, "Mmwe bwe muba mutidde, nze nja kugenda mmulwanyise." Mukiraba? Nga kwali kusoomooza kwa maanyi eri akasajja akatono bwe katyo! Kale n'olw'ekyo kaali kakkiriza, era kaakolera ddala ekyo kyennyini kye kaali kamanyi nti Katonda kye yandikoze. Ka . . .

83 Omufirisuuti oyo ataali mukomole bwe yakakolimira mu linnya lya bakatonda be, nga agamba nti, "Ndi mbwa; akaana akalinga empiki obuyiki okuneŋŋanga katyo? Kati nno," n'agamba nti, "ŋŋenda kukutunga ku ffumu lyange, nkuwanike waggulu mu muti ebinyonyi birye ennyama yo." Ha, bannange! Ha, nga lyali ssajja lya ntiisa!

84 Dawudi yagamba nti, "Ojja gyendi n'ekitala n'effumu, n'ekyambalo ky'olutalo. Onnumba mu linnya ly'Omufirisuuti. Naye, nze nzijja gy'oli nga ssirina kitala yadde effumu, yadde ekyambalo ky'olutalo, wabula nzijja gy'oli mu Linnya lya Mukama Katonda wa Isiraeri."

85 Ky'ekyo ddala. Oyo mukkiriza. Eryo kye kigo kye. Eryo ye ngabo ye. Eryo bwe bukuumi bwe. Amiina! Eryo lye lisaanye okuba obukuumi bw'Ekkanisa. Omukkiriza yenna, Eryo bwe bukuumi bwe. Ka kibe kiki kyonna ekigwawo, oba ensi eyogera ki, oba kiki kyonna, obukuumi bwo ye Mukama Katonda wa Israeri. Ky'ekyo. "Erinnya lya Yesu Kristo kigo eky'amaanyi, abatukuvu mwe baddukira ne baba mirembe." Obwo bwe bukuumi bwaffe, ye Yesu Kristo.

86 Weetegereze, era bwe kyabaawo, ebyaddirira tubimanyi. Dawudi, nga talina n'awamu wa kukuba okuggyako akafo ako bwe lyaggyako kye—kye—kye lyali libisse ku maaso. Aw'okukuba wokka waali awo wennyini mu kyenyi kyalyo. Era li—linnaggwano aba tannalisemberera nnyo kiri awo, Katonda n'alagiriza ekissi, linnaggwano n'alitta. Olaba? Katonda yakikola. Kati, tukiraba nti yali mukkiriza.

87 Kati, omukkiriza omulala yali Ibulayimu, era yali wa . . . yali Mukaludaaya ow'omu kibuga ky'e Uli. Era yayitibwa okukola ekintu ekyali ki . . . n'okukkiriza ekintu ekyali kitasobokerako ddala, n'akatono. "Naye teyasagaasagana n'akatono ku kisuubizo kya Katonda mu butakkiriza," Abaruumi 4 bwe wagamba, "wabula yali munywevu, nga atendereza Katonda."

88 Ibulayimu yali wa myaka nsanvu mu etaano, nga mukyala we wa myaka nkaaga mu etaano, nga babadde wamu okuva mu buvubuka bwabwe. Baali bagatta nnyaabwe; abavubuka abato omulenzi n'omuwala. Era ekyo kyali nti, baali bamaze ebbanga nga bali wamu, nga tebalina mwana yadde. Katonda n'agamba Ibulayimu nti, "Weeyawule ku batakkiriza." Katonda lubeerera, agamba okweyawula. "Weeyawule ku batakkiriza otambule Nange, era Nkufudde kitaawe w'amawanga amangi. Mmaze okukikola."

89 Ibulayimu n'akikkiriza. Oyo ye mukkiriza. "Ogenda kukikola otya, Mukama?" ekyo ekibuuzo teyakibuuza. Katonda agambye agenda kukikola, era ekyo kimala.

90 Omwezi ogwasooka bwe gwayitawo, Saala nga akyali . . . Yali takyagenda mu nsonga z'abakyala. "Owulirawo enjawulo yonna?"

"Tewali n'akamu."

91 Naye nga Ibulayimu akyakikkiriza. Ne wayitawo emyaka abiri mu etaano, era nga tewali njawulo yadde, naye nga Ibulayimu era akyakikkiriza. Oyo ye mukkiriza. Oyo teyeefaanaanyiriza bwefaanaanyiriza mukkiriza. Oyo mukkiriza. Nga wayiseewo emyaka abiri mu etaano, Ibulayimu

yali mugumu n'okusinga bwe yali okusooka. "Yakkiriza Katonda, ne kimubalirwa okubeera obutuukirivu." Kubanga ya-. . . Oyo ye mukkiriza owa nnamaddala.

92 Kaakati, oluvannyuma lw'akaseera ŋŋenda kukuleka weekebere olabe wa w'ogwa.

93 Kati Ibulayimu kiki kye yakola? "Teyasagaasagana ku kisuubizo kya Katonda," ebintu ebitasoboka.

94 Omusajja ow'emyaka ensanvu mu etaano, n'omukazi ow'emyaka enkaaga mu etaano, bandikoze ki, ssinga bagenda ew'omusawo ne bamugamba nti, "Twagala kuteekateeka, bya ddwaaliro. Tugenda kuzaala mwana"? Ate oluvannyuma, nga wayiseewo emyaka abiri mu etaano, era ne bagamba nti, "Musawo, eddwaaliro likyali liggule?" Olaba? Olaba?

95 Kikuleetera okweyisa mu ngeri etali ya bulijjo. By'osalawo biba tebitegeerekeka, eri ensi. Naye oyo abeera mukkiriza, ne bwe kirabika kitya nga ekitali kya bulijjo. Bayibuli egamba nti, "Yali mukakafu ddala nti Katonda yali asobola okukola kye yali Ayogedde nti agenda kukikola."

96 Ekyo buli mukkiriza ky'asaanye okutuukako olw'eggulo luno. Katonda asobola okutuukiriza buli Kigambo kyonna kye yagamba okukola. Sifaayo bigambo ki, ab'ebibiina by'amadiini bye boogera mbu, "Ennaku z'ebyamagero zaakoma, kale bino byonna kusoma busomi birowoozo bya bantu kwereere, na kulaguulirira. Bi. . ." Ssifaayo ne bwe boogera ki. Nsigala nzikiriza. Emmundu eyo bw'eba esongeddwa butereevu mu ssabbaawa, ejja kuteeba ssabbaawa. Era nzikiriza nti n'omukkiriza bw'asongebwa butereevu ku Kigambo kya Katonda, ajja kuteeba ekintu kye kimu. Ekigambo kya Katonda bwe kiba kyakisuubiza, kijja kuddamu kikikole. Ekyo ssikirinaamu kakunkuna yadde. Nti, bwe tulaba nga tuli mu mulembe guno mwe kiteekeddwa okubeererawo, kiteekwa okubaawo wano. Ebintu bino biteekwa okubaawo.

97 Eyo ye nsonga lwaki nzikiriza nti Omugole oyo bw'alimala okuyitibwayo nga alondeddwa, era ateekeddwa mu Kitabo ky'Obulamu, walijja eddoboozi okuva mu Ggulu eririssa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu okw'amaanyi mu Mugole oyo okulimujja ku nsi, mu kisa eky'Okukwakkulibwa. Katonda yakisuubiza. Ssifaayo bannassaayansi bameka, ne bannabwengula bameka abantu be bakkiririzaamu, na buli kimu kyonna, na bukadde bwa mayiro bwenkana wa bwe basobola kulengera; ebyo byonna ssibifaako. Eggulu gyeriri, era ne Yesu Kristo yennyini gy'ali Eyo oyo alijjira mu nkula ey'omubiri okwetwalira Ekkanisa Ye. Ebigambo ebyo ka bibe bya dda bitya, bisigala ge Mazima. Katonda bw'atyo bwe yayogera. Ekyo—ekyo abakkiriza kye bakkiriza.

98 Katonda yagamba nti, "Nze Mukama awonya endwadde zo zonna. Nze Katonda era sikyuka." Amiina! Era Katonda kye

Kigambo. Kati oba nga Katonda takyuka, ate kyo Ekigambo kinaakyuka kitya? Olaba? "Nze Katonda era sikyuka." Ebyawandiikibwa bwe bityo bwe bigamba. Katonda Yennyini, ye yakyogera. Kale oba nga tasobola kukyuka, olwo nno Ye Kigambo. "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda." Ekigambo ekitakyuka! "Kigambo n'ayambala omubiri, n'abeera mu ffe." Amiina! Yee, ssebo.

99 Ebbanga lyonna, Katonda azze asitula emibiri egy'enjawulo; Musa, ne Ezekyeri, ne Yeremiya, ne Isaaya, ne ba Eriya, n'abalala, Ekigambo Kye mwe kyajjiranga okumala akaseera. Naye Ekigambo ekijjuvu kyalabisibwa mu Muntu ono Yesu Kristo. Nga, ye Yali Katonda mu—Katonda mu bujjuvu bw'Obwakatonda mu mubiri. Awo Yali ayambadde mubiri. Ekyo nkikkiriza, buli Kigambo kyonna.

Yobu, omukkiriza omulala.

100 Oluusi, abakkiriza bagezesebwa. Si oluusi; wabula bulijjo! "Kubanga buli mwana yenna ajja eri Katonda ateekwa okukangavvulwa, okugezesebwa, okutendekebwa nga omwana." Mujjukire, ebigezo, enguudo ezijjudde enfuufu, omusana ogwaka ppereketya ogw'okuyigganyizibwa, naye obuwulize bw'omutima gwo busekula ekyo ekikulimu ne kigonda okutuuka lwe kiba nga kigya mu katiba. Abaana ba Katonda okubumbibwa mu ngeri entuufu babumbibwa ku Kigambo Kye, kubanga bo bya kulabirako ebiramu, era Ekigambo kya Katonda kirabisibwa kuyita mu bo. Olaba? Ekigezo kijja okukunyeenya, okukussizza ddala ku ntobo kwennyini, okulaba wa w'onaayimirira. Bigezesa, bigezesa buli mwana yenna ajja eri Katonda.

101 Yobu yayita mu bigezo n'okugezesebwa. Abaana be ne batwalibwa; buli kimu kyonna ne kimuggyibwako. Bammemba b'ekkanisa ne bajja, ne bamuvunaana ogw'okuba omwonoonyi ayonoonera mu nkukutu, ne bagezaako n'okumwogerera buli kimu nga bamukonjera, naye byonna teyabiwuliriza n'akatono. Yali akimanyi nti atuukirizza ebisaanyizo bya Katonda. Nga akimanyi nti Ssetaani talina kyafuna mu kumukema. Yakimanya nti yali ssetaani. Era ssinga Ssetaani yasobola okumukkirizisa nti endwadde ye Katonda we ye yali agimukubyeko, awo yandibadde amezze Yobu. Naye Yobu olwafuna okubikkulirwa okwo, nti teyali Katonda! Wabula yali ayita buyisi mu bigezo bye okubaako ne kye bimufuula. Katonda si ye yali akikola. Ssetaani ye yali akikola.

102 Ky'ekintu kye kimu ne leero. Ajja kugezaako okukugamba mbu ebigezo byo bino n'ebirala Katonda wo y'agezaako okukubonereza. Si bwe kiri. Nedda, ssebo. Ssetaani y'aba akikola, nga Katonda y'akiganyizza, okusobola okukufuula omugumu; okukusobozesa okulaba oba nga—oba osibiddwa

wano ku nsi eno, olw'okweraliikirira kw'ensi, oba okulaba oba eby'obugagga byo biri mu Ggulu. "Kubanga awali eby'obugagga byo, naawe w'obeera." Ky'ekyo. Omutima gwo gubeera wali bya bugagga bwo.

103 Yobu, bwe yagezesebwa, naye n'agamba nti, "Mmanyi Omununuzi wange mulamu; mu nnaku ez'oluvannyuma aliyimirira ku nsi. Newankubadde nga envunyu z'omu mubiri gwange zirizikiriza omubiri gwange . . . "

104 Mwali mukyekkaanyizza? Envunyu z'omu mubiri zaamulimu. Envunyu z'omu mubiri gwo zikulimu. Osibirwa mu ssanduuko y'abafu etaliimu mpewo yonna, nga terina na bw'eyingiramu, naye zo envunyu z'omu mubiri zisangibwa zikulimu. Ziri mu ggwe, zirindiridde kuyitibwa zijje zikole omulimu akaseera konna. Mujjukira Kayisaali, yavundira ku luguudo kwennyini. Envunyu z'omu mubiri zaamulya yenna, awo wennyini ku kkubo, envunyu z'omu mubiri gwe zennyini. Zisangibwa, mweziri.

105 "Newankubadde nga envunyu z'omu mubiri gwange zizikiriza omubiri guno, naye ate mu mubiri gwange mmwenyini mwe ndirabira Katonda." Amiina! Tosobola kugusaanyizaawo ddala. Envunyu z'omu mubiri ne bwe zigulya gwonna ne gugwaawo, era guliddawo. "Oyo gwe ndiraba nze mwene. Amaaso gange galimulaba, so si mulala." Yobu, ye yakyogera. Lwaki? Yali mukkiriza. Mu bigezo yali mukkiriza. Mu kuyigganyizibwa, yali mukkiriza. Yali mukkiriza yennyini owa nnamaddala.

106 Yusufu, omukkiriza omulala, yali tasobola kwewala kubeera kye yali. Yali nnabbi. Katonda yamukola nga nnabbi. Teyayagala kuba wa njawulo ku baganda be, naye yali wa njawulo. Katonda ye yamukola okubeera kye yali. Tewali mulala yali asobola kutwala kifo kye.

107 Tewali ayinza kutwala kifo kyo, ne bwe kiba ekinyoomebwa. Oyinza okugamba nti, "Nze ndi mukyala bukyala wa waka." Tewali ayinza kutwala kifo kyo. Katonda, mu nteekateeka Ye ey'ekitalo, Omubiri gwa Kristo, yagutegeka bw'atyo, nga gusengekeddwa bulungi, ne kiba nti tewali ayinza kutwala kifo kyo. Nga nnandyagadde okutwala ekifo kya Billy Graham, oba omuweereza omulala yenna ku ffe, naye tetusobola kukikola; naye, mujjukire nti, ne Billy tasobola kutwala bifo byaffe. Mulaba, ffenna buli omu alina ekifo, abamu ku ffe tuli babuulizi ba njiri ey'ebweru, abamu bannabbi, abamu bayigiriza, abamu basumba, kyonna kye tuli; abamu bakyala ab'awaka, abamu bamakanika, abamu balimi, kyonna kye kiri, Katonda ye yakuteeka mu kifo kyo. Okiraba?

108 Yusufu yali nnabbi. Eky'okuba nti yali asobola okuvvuunula ebirooto yali tasobola kukyebeera. Eky'okuba nti yalabanga okwolesebwa yali tayinza kukyebeera.

Laba bw'ataasagaasagana. Yadde kyamuviirako okufiirwa enkolagana ye ne baganda be, era teyasagaasagana, kubanga ebirooto ebyo yali abikkiriza. Yakkiriza nti, ekirooto kye yaloota, nti bonna balimuvunnamira, ebinywa byali bya kuvunnama. Kyatuukirira kubanga yakikkiriza. Yali mukkiriza yennyini omutuufu. Engeri gye . . .

109 Nnina eddakiika ttaano; ate nga nkyalina empapula kkumi, kati weetegereze, weetegereze, Ekyawandiikibwa ekiri wano. Omukazi . . .

110 Nassanayiri, yali mukkiriza. Si bwe kiri? Nassanayiri, bwe yalaba ebibaddewo; byamukwatako, Yesu bwe yamubuulira erinnya lye, n'agamba nti—nti "Muyisiraeri yennyini," nti era teyaliimu "bukuusa" bwonna, n'amubuulira ne gye yali yabadde eggulolimu, "nga asaba wansi w'omuti." Yamulaba Firipo we—we yamuyitira. Yali mukkiriza.

111 Waaliwo bangi abaali bayimiridde awo, abaagamba nti, "Guno mwoyo gwa ssetaani. Ne ssetaani naye awonya nga ne Katonda bw'awonya." Ssetaani oyo ow'edda akyaliwo ne leero tafanga. Bakkiriza nti ssetaani naye awonya nga ne Katonda bw'awonya.

112 Yesu n'abagamba nti, "Ssetaani bw'aba asobola okugoba Ssetaani, kitegeeza obwakabaka bwe buba bweyawuddemu, ate bwe kiba bwe kityo obwakabaka buba tebusobola kuyimirira." Okiraba? Ssetaani n'agamba, mu . . . Tasobola kukikola. N'olw'ensonga eyo, Ssetaani tayinza kugoba Ssetaani.

113 Kale nno Nassanayiri yali mukkiriza. Era olwalaba Ekigambo ekyambadde omubiri, nga kikakasa nti mukkiriza, yagambirawo nti, "Oli . . . Labbi, Ggwe Kristo. Ggwe Kabaka wa Isiraeri." Yakikkiriza.

114 Omukazi eyali ku luzzi bwe yakiraba, yakikkiriza. Oyo mukkiriza.

Battimaayo omuzibe w'amaaso . . . Bwe waayitawo omukazi . . .

115 Buli omu, yali aleekaana buleekaanyi. Nga abamu bwe bagamba nti, "Eri wajjuddeyo . . . Mpulira mbu Ggwe ozuukiza n'abafu. Engulu eno waliyo entaana ezijjuddemu abafu; jangu obazuukize. Ka tukulabe nga Okikola." Olaba, ssetaani y'omu oli eyagamba nti, "Bw'oba nga Ggwe Mwana wa Katonda, lagira amayinja gano gafuuke emmere." Era y'omu eyamusiba kantuntunu, n'amukuba ku mutwe, ng'agamba nti . . . omu ku bo nga bwe bw'anyisiganya akaggo, ne munne, nga bwe bagamba nti, "Kati, ssinga Otubuulira akukubye, tujja kukukkiriza." Abasirikale abo, olaba, nga bamukudaalira. Kyalabikanga, embeera eyali emwonoonekedde.

116 Naye mujjukire nti, Katonda lubeerera abeerawo. Mukiraba? Abeerawo awo wennyini nga mwetegefu, akaseera konna.

117 Kati Yesu yagamba nti, "Nsobola okugamba Kitange butereevu n'ampeererezaawo ebibinja kkumi na bibiri eby'eggye lya Bamalayika." Ha, Malayika omu yandikoze ki? Okiraba? Naye, olaba, naye Yali asobola okusindika ebibinja kkumi na bibiri nga Awadde ekiragiro. Naye Yalina omulimu ogw'okukola. Waliwo kye Yali alina okukola. Ebyo Yalina okubiyitamu.

118 Naawe waliwo ky'olina okukola. Waliwo Katonda ky'akwetaaza okukola. Oyinza okuba n'ebinakuwaza n'ebizibu ebitali bimu, oyinza okuba n'ebikumalamu amaanyi, naye tusaba kubyebalama? Nedda. "Mukama, bimpiseemu, kyonna kye biri. Kyonna kye biri, toŋŋanya kubyebalama. Bwe biba byantegekerwa, mpa buwi ekisa okubiyitamu. Ekyo kyokka."

119 Kati labayo, Battimaayo omuzibe, yali akimanyi, nti baali baabagamba nti, "Ono ye Nnabbi oli ow'e Galiraaya. Ye Mwana wa Dawudi. Tukikkiriza." Abamu ku bakkiriza bateekwa okuba nga ekyo baali bakimugambye. "Ffe abakkiriza tukimanyi nti Ye. . . Mwana wa Dawudi oli."

120 Kale yali akimanyi, nti bw'aba nga ye Ye, kitegeeza Ye Kigambo. Era bw'aba yakimanya nti Ye Kigambo, yakimanya nti asobola okutegeera ebirowoozo eby'obuziba mu mutima, kye yava akaaba nti, "Ggwe Omwana wa Dawudi, nsaasira." Abatakkiriza baali baleekaana *bino,* na *biri*, bammemba b'ekkanisa. Naye ebyo Battimaayo omuzibe tebyamuziyiza n'akatono. Yagamba nti, "Ayi Yesu, Ggwe Omwana wa Dawudi, nsaasira!"

121 Oba oli awo n'okumuwulira Yali tamuwulira. Naye Yategeera nti yali akaaba, era n'Ayimirira n'akyuka. Oyo yali mukkiriza. Yamugamba nti, "Okukkiriza kwo kukulokodde." Amiina.

122 Ekyo kye kimu, kye yayogera eri omukazi eyalina ekikulukuto ky'omusaayi nti, "Okukkiriza kwo."

123 Kubanga, yagamba munda mu mutima gwe nti, "Ssinga nkwata ku kyambalo Kye, nja kutereera."

"Okukkiriza kwo kukulokodde." Olaba, yali mukkiriza.

124 Ekyo kye kintu kye kimu, jjuuzi ekyalokola William Dauch, oyo atudde awo, entunnunsi ze bwe zaddiririra ddala, nga alina n'obulwadde bw'omutima, omusajja ow'emyaka kyenda mu gumu. "Okukkiriza kwo kukulokodde." Lwaki? Kubanga mukkiriza.

125 Levulandi Tom Kidd ono wano, anaatera n'oku. . . kyenkana, ndowooza kati ali mu myaka nga kyenda, egy'obukulu, oba nga anaatera okugiweza. Naye bwe yali wa myaka nsanvu mu mwenda, baamutwala mu ddwaaliro nga alwadde kookolo azibikira akawago. Omusawo yagamba nti, "Talinaawo kakisa konna ka kuwona."

126 Naye bwe twayingirayo ku makya ago, ne tulaba nnamukadde oyo bambi nga yeesuulidde ekitambaala ku kibegabega, nga atudde awo, akoonakoona akaggo wansi, nga kyenkana takyategeera bulungi. Yagamba omukazi omukadde eyali atudde awo, n'amuyita jjajjaawe; nga ate yali amumanyi, baabeeranga bonna okumala emyaka egiwera. N'amugamba nti, "Wenna otukula nga omuzira," nga takyategeera.

127 Naye, Amaanyi ga Katonda olwesogga mu kisenge, akawungeezi kano mulamu. Waakayitawo emyaka ena okuva lwe kyabaawo. Omusajja eyali anaatera okuweza emyaka kinaana, naye wuuno atudde wano, mulamu tteke, yawonyezebwa kookolo. Olaba, teyali mukkiriza eyeefaanaanyiriza obwefaanaanyiriza; yali mukkiriza yennyini! Ky'ekyo, kkiriza! Katonda amutwala nga Ekigambo Kye bwe kiri.

128 Mu ngeri y'emu nga ne Battimaayo omuzibe bwe yali. Yali muzibe, naye yakitegeera nti, ssinga ayogera Yesu Kristo n'amala amuwulira, ajja kufuna ky'ayagala.

129 N'omukazi yakitegeera nti, ssinga akwata ku kyambalo Kye, ajja kufuna kye yeetaaga—ajja kufuna kye yeetaaga.

130 Tom yakimanya. Yalina okukkiriza, nti bwe nnaamusabira, ajja kufuna kye yeetaaga.

131 Okwo si kwe kukkiriza kwe kumu Maliza mwe yagambira nti, "Ne kaakano, Mukama, kyonna by'Onoosaba Katonda, Katonda ajja kukikuwa; mwannyinaze ali eri, yafa, kati awezezza ennaku nnya mu ntaana; naye Ggwe saba busabi Katonda, ne Katonda anaakikukolera"?

N'amugamba nti, "Mwannyoko ajja kuzuukira."

132 N'amuddamu nti, "Weewaawo, Mukama, mu nnaku ez'oluvannyuma, ku mazuukira, alizuukira. Abadde muvubuka mulungi."

Ye n'agamba nti, "Naye Nze kuzuukira okwo n'Obulamu!"

"Weewaawo, Mukama, n'ekyo, nakyo nkikkiriza."

"Ye mwamuziise wa?" Ky'ekyo. Kiwedde. Yee, ssebo.

133 Kabaka omukazi ow'omu Bukiikaddyo yeesowolayo mu mulembe ogwo ogw'abatakkiriza, ky'ekyo, n'ayimirira n'akkiriza bye yalaba n'abikkiriza okuba nti bya Katonda. Bayibuli egamba nti, "Alivaayo ku lunaku lw'enkomerero, wamu n'omulembe ogwo, agusalire omusango, kubanga yava ku nkomerero y'ensi n'ajja okuwuliriza amagezi ga Sulemaani."

134 Musa yali mukkiriza. Newankubadde yagezaako mu magezi ag'obuntu, yali agezezzaako buli kakodyo konna ke yali asobola, naye byonna ne bitakola. Yagezaako afulumyeyo Isiraeri, nga akimanyi nti ye yayitibwa okukikola. Yagezaako mu magezi ag'okubala. Yagezaako mu ngeri y'ekijaasi. Yagezaako mu ngeri

ey'obuyivu. Yagezaako mu buli ngeri, naye ne bigaana. Naye oluvannyuma n'atwala engeri ya Katonda.

135 Byali bitya? Lwali lumu, engulu eri mu kisaka, ne walabika Omuliro ogwali gutaseguka. Okuva omwo Kigambo n'ayogera naye, n'amugamba nti, "NDI." Si, "Nnali," oba, "Ndiba." "NDI." Era Akyali "NDI." Ye Kigambo, Ekigambo Ekitaggwaawo, eky'emirembe n'emirembe.

136 Musa teyabuusabuusa. Ebizibu byamugwira, obutonde bwonna ne bumwefuulira, buli kimu kyonna ne kimwefuulira. Naye, nga akutte omuggo ogweweseewese mu ngalo ze, yaserengeta n'agenda awamba eggwanga ddamba, lyonna n'alibbiza mu Nnyanja Enfu, yo Isiraeri n'agitwala mu nsi ensuubize. Lwaki? Yakkiriza Katonda. Kituufu. Yalina . . .

137 Oyo ye mukkiriza. Tuyinza okubeera . . . Kati ekitundu kyange eky'essaawa nkimaze ku bakkiriza.

138 Nsigazzaayo ebika ebirala bibiri. Tugenda kubiyitamu mangu mangu, kubanga ndaba, n'obukulu si bikulu. Nedda.

139 Kati, eky'okubiri, ne waddako oyo atakkiriza. Kati twogere ku oyo atakkiriza gwe tuba tuzzaako. Oyo atakkiriza ye akola ki?

140 Omukkiriza tumulabye nti (kiki?) akkiriza Ekigambo; buli lulyo, buli mulembe, okuviira ddala ku Nuuwa, n'okweyongerayo. Tuyinza okumala emyezi mukaaga egy'okudda obuggya nga tuli ku ekyo, nga tunokolayo abantu abo kinnoomu. Bakkiriza. Omukkiriza tabuuza bibuuzo. Omukkiriza akikkiriza bukkiriza Ekyo, ne bwe kiba kiwulikika kitya oba kiki omuntu omulala yenna ky'akyogerako, na butya bwe kirabika nga ekitasoboka.

141 Omukkiriza ye akikkiriza, akkiriza (ki?) Ekigambo. Si kikwate; wabula Ekigambo! Si kibiina kya ddiini; wabula Ekigambo! Si omuntu omulala ky'agamba; wabula Ekigambo kye kigamba! Kati, jjukira, oyo ye mukkiriza. Omukkiriza tabuuza bibuuzo. Omukkiriza tagamba mbu, "Kisoboka kitya? Kale oba ssinga bakinnyinyonnyola!" Oyo aba oyo atakkiriza. Uh-huh. Omukkiriza y'agamba, nti, kyonna kye Kiri, "Bwe kiba Kigambo, kiba Kigambo! Ekyo kituufu." Oyo ye mukkiriza.

142 Kati oyo atakkiriza. Kati tulaba eki . . . Ka tukwate ku batakkiriza. Tukiraba nti baakola bulungi kasita baabiibiitibwanga ne bayitibwa abayigirizwa. Ebintu (bo) kasita byabatambuliranga obulungi, tebaabanga na mutawaana. Naye Nnabbi ono gwe baali bakkiriza okuba nti nnabbi, era nga bakimanyi nti ekyo ky'ali, nti yali asobola okuwonya abalwadde, n'ebirala, Yakola ki? Amazima gennyini wamu n'okunenyezebwa bwe byajja, nga bikontana ne bye baali bakkiriza, Ekigambo baalemwa okukisembeza.

143 Byo ebyamagero baabikkiriza, n'okubikola ne babikola. Baagenda ne bagoba emizimu, ne babuulira Ekigambo, naye nga bakyali batakkiriza. Matayo 10, Yabatuma ne bagenda, babiri babiri, bonna ensanvu, ne bagoba emizimu, ne Yesu ne kimusanyusa, naye n'agamba nti, "Nnalabye Ssetaani nga agwa nga okumyansa okuva mu Ggulu." Olaba, baagoba emizimu; ne Yuda ng'ali wamu nabo. Abatakkiriza wano we bajjira.

144 Naye Yesu olwatandika ati okugamba nti alina ky'Ali, nti Ye "kuzuukira," Ye "Bulamu." "Muligamba ki bwe muliraba Omwana w'omuntu nga alinnya waggulu gye Yava?"

145 "Kati nno, ono Omusajja ayagala kugezaako kutugamba mbu Yava mu Ggulu, ekyo ffe kituyitiriddeko. Tetusobola Ekyo kukikkiriza."

146 Yababuuza nti, "Kiki? Omubiri gwe mwogerako, tegulina kye gugasa. Omwoyo y'aleeta obulamu."

147 Kiikyo. Omwoyo y'aleetera Ekigambo okuba ekiramu. Abeera Mwoyo, so si kikwate. Omwoyo, Omwoyo Omutukuvu, y'aleetera Ekigambo okuba ekiramu gy'oli, ne kifuuka kiramu, olwo n'olyoka, okiraba. Olw'okukkiriza n'okiraba. N'omanya nti bwe kityo bwe kiri kubanga Ekigambo bwe kityo bwe kigamba, olwo Omwoyo n'aleetera Ekigambo okuba ekiramu gy'oli. Ky'ekyo.

148 Kati Yagamba nti, "Ki. . . " Era kino olw'akikola tuti, twakiraba nti, abatakkiriza, bw'oyogera ekintu kyonna kye batakkiriziganya nakyo, nga bakuviira. "Ssiyinza n'akatono!" Ha, ekyo kigenda kyeyongerera ddala, mu nsi leero. Ggwe tandika obeeko ne ky'oyogera . . .

149 Bakuŋŋaana ne bajja. Nkyetegerezza mu nkuŋŋaana bajja ne bayingira, ebibiina ebinene, n'osituka, n'otandika okubaako ne ky'oyogera. Kati, kasita. . .Batuula butuuzi awo, nga bwe beetegereze, nga balinda bulinzi. Naye w'ogambira nti, "Kati, Yesu Kristo Yeeyoleka nga Masiya, kubanga Yali Nnabbi," ekibya ekyo kijjulirawo, ne kivaawo. Nga wabaawo. . .nga bavaawo. B'ani? Abatakkiriza!

150 Kati muyinza okuŋŋamba nti, "Ekyo ggwe okiyiiya." Nedda ssikiyiiya buyiiya. Njogera ekyo kyennyini Bayibuli ky'egamba wano.

151 Baali batakkiriza, era baafuluma ne bagenda. Newankubadde baali bayigirizwa, naye kyali—kyali kikontana ne. . .Baagamba nti, "Kino, nga ani akkiriza ekintu ekifaanana nga Ekyo?" Mulaba? Baali Bafalisaayo na Basaddukaayo abaali bafulumyeyo, ne bajja bamwegattako ne bayitanga naye.

152 Kubanga, olaba, e—ekintu ekisukkulumye ebya bulijjo bwe kirabisibwa, kivaamu ebika bisatu eby'enjawulo. Kye kyakola e Misiri. Kyavaamu atakkiriza, omukkiriza, n'eyeefaanaanyiriza obwefaanaanyiriza omukkiriza. Kyavaamu ebika byonsatule.

Weekiri wano nnakiwandiise, tusobola n'okweyongerayo ne tukeesa n'obudde, nga tukinnyonnyola, bwe kiri. Buli wamu, w'okisanga, obirabawo byonsatule. Bulijjo bwe kityo bwe kiba, olaba, obisangawo.

153 Kati weetegereze, bano ensanvu, baafuluma ne bavaawo kubanga Ekyo kyali tekikwatagana na kye baali bakkiriza okuba nti kye kituufu.

154 Tetulina ndowooza ndala yonna mpya. Kye Yayogera kye kikulu! Weegaane endowooza yo. Yogera bwogezi by'Ayogera byokka. Okwo kwe kwatula kwennyini. *Okwatula* kitegeeza "okwogera ekintu kye kimu." Bwe njatula nti ekintu gundi kyabaddewo, mba njogera kintu ekyo kyennyini ekyabaddewo. Okwo kwe kwatula kwennyini. "Era Ye Kabona Omukulu ow'okwatula kwaffe." Olaba? Nga oyogera ekyo kyennyini Katonda kye yayogera, olaba, ekyo kikifuula kituufu, kubanga oba oddiŋŋana buddiŋŋanyi Kigambo kya Katonda.

155 Kati wekkaanye, ensanvu baafuluma. Baakola ki? Ate baa—baafuluma olw'okuba teba—tebakkiriziganya nakyo. Amagezi ga—ga—gaabwe, enkolagana ya—yaabwe gye baalina n'ekkanisa yalina, yali—yali nnywevu nnyo. Ekyo kyabayitirirako nnyo okukirowoozaako, nti Omusajja ono ayimiridde wano, gwe. . . Abantu abasigadde bonna ggwe baali bakkiriza okuba nti Yali yazaalibwa mweboolereze. "Teyalina lukusa kweyita Katonda. N'ekirala Yali muntu buntu." Ne bagamba nti, "Kye tuva tukukuba amayinja si lwa mirimu mirungi gy'Okola, wabula eki—ekitukukubya amayinja lwa kuba, Ggwe, Omuntu obuntu, ate Weefudde Katonda."

156 Ate nga Ekigambo kyali kigamba nti Yali Katonda. "Erinnya Lye aliyitibwa 'Ateesa ebigambo,' 'Omulangira ow'emirembe,' 'Katonda ow'Amaaanyi,' 'Kitaffe Ataggwaawo.'" Ebyawandiikibwa byabwe byennyini bye baasomanga!

157 N'olunaku lwennyini lwe baali bayimba Zabbuli, Zabbuli ey'a 22, "Katonda Wange, Katonda Wange, kiki ekikundesezza? Amagumba Gange gonna gantunuulidde." "Tewali ggumba wadde erimu eririmenyebwa." Oluyimba lwennyini lwe baddiŋŋananga mu yeekaalu, Ssaddaaka yali awo nga erengejja eraajana eyogera ebigambo byennyini Dawudi bye yayogera emyaka lunaana emabega, naye nga bazibiddwa nnyo amaaso tebasobola kugiraba.

158 Ne, leero, Katonda yennyini eyayogera ku mulembe guno waali alabika nga akolera ddala ebyo byennyini bye Yagamba nti by'Alikola, naye obuzibe bw'amaaso obubaliko bwa maanyi nnyo tebubaganya kukiraba. Abo be batakkiriza. Beekandagga ne bafuluma nga bwe bagamba nti, "Ha, nze ssikkiriza bintu bya ngeri Eyo. Nze Ekyo ssikiwulirangako mu bulamu bwange!" Bye wali owulidde si kye kikulu. Bayibuli egamba nti Kya kubeerawo, era kye Kigambo Kye.

159 Nabo, baali Ekyo, tebakiwulirangako, naye era kyali weekiri. Olaba? Bwe kiri. Baali batakkiriza.

160 Nga ne Kaawa bwe yali, weewaawo, kwo okuba, yali munnaddiini nnyo, naye te—teyakkiriza Kigambo ekituufu. Era yalina okwekolerawo eddiini, kye yava akola ebikoola by'ettiini, olaba, naye tebyakola. *Eddiini* kitegeeza ekintu "ekibikka."

161 Kayini naye yakola ekintu kye kimu. Kayini yalemwa okukkiriza nti Ekyo kyali kituufu. Yagamba nti, "Katonda mutukuvu, Katonda mulongoofu, era Katonda alabika bulungi. N'olw'ekyo nja kufunayo ebimuli, era nja kuddira ku—ku bimuli ebyo nkole ekyoto ekirabikira ddala obulungi, ekyoto amakula, mmu—mmulage nti mmussaamu ekitiibwa. Nja kugenda mu maaso gaakyo, nvunname mu maaso Ge nsinze Katonda oyo. Era nja kuteeka ebimuli ku kyoto ekyo, kubanga, omanyi, kitange ne mmange baliko zi apo ze baalya, ekibala kye baalya, mu lusuku Adeni, era ekyo kye kintu ekyangobyayo. Kale n'olw'ekyo, mu ekyo, nja kuddayo, kubanga nja kugikola nga erabika bulungi nnyo. Katonda tayinza kumala gagaana lutikko yange ennene. Kubanga, ejja kuba lutikko ennene! Nja kugikola nga nnungi nnyo etuuke n'okusikiriza Katonda." Ssetaani y'abeera mu bintu ebibalagavu. Ky'ekyo kyennyini Ebyawandiikibwa kye bigamba.

162 Eyo ye nsonga lwaki, oluusi, omukazi omubalagavu abeera lusiriŋŋanyi ku ddobo lya Ssetaani. Ssinga amala n'amufuna mu ttaano, aba asobola okumukozesa okuwabya abasajja bangi okubatwala mu ggeyeena n'okusinga bwe kyandibadde ssinga akozesa ebirabo by'omwenge byonna ebiri mu ggwanga. Bwe kiri. Olaba? Oba, omusajja alabika obulungi ennyo, ata—atasobola kuyimirira mu kigera kye nga omusajja omutuufu bw'aba, olaba, n'oyo, naye asobola okuwuddiisa abakazi bangi okubatwala ewa ssetaani, n'abasindika mu ggeyeena. Yee, ssebo.

163 Labayo, Ssetaani abeera mu bintu ebibalagavu. Kiki kye yagezaako okukola ku ntandikwa? Yagezaako okukola obwakabaka obulungi okusinga ku bwa Mikayiri; n'agenda mu Bukiikakkono, n'awalula bibiri bya kusatu ebya Bamalayika n'agenda nabo.

164 Kati musobola okulaba yali mwana wa—wa ani oyo, eyalina obutonde bwe butyo mu ye? Mwana wa Ssetaani. Ddala, kye yali. Kati yazimba ekyoto, n'afukamira wansi n'asinza. Yayita mu buli kimu kyonna (Kayini) Aberi kye yayitamu.

165 Naye ye Abeeri yakimanya nti tekyali ekyo. Ya . . . Gwali musaayi gwe gwabagobyayo. Yakimanya nti kyali ekyo. Kwali kwegatta, gwali musaayi. Kye yava addira ensolo ento, n'agisaddaakira ku lwazi, n'agitemako obulago.

166 Weetegereze Kayini, ya . . . Katonda yamugamba, nga Agamba nti, "Lwaki naawe tosinza nga muganda wo, onaaba okoze bulungi. Onaaba okoze bulungi bw'onookola bw'otyo."

Naye, nga nedda, ye yali akitegeera okusingawo. Olaba, yagaana Ekigambo nnakabala, ekikakafu. Kati abaana be bwe baba bwe batyo si bwe bali ensangi zino! Olaba?

167 Kati labayo, "Katonda yali akakasizza," Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Abaebbulaniya essuula ey'oku 4, manya essuula ey'e 11, "Katonda nga akakasa ekirabo Kye, nti yali mutuukirivu." Katonda yakakasa ssaddaaka ye. Katonda yawa obukakafu nti ekyo kye yakkiriza; nti ekyo kye kyali Ekigambo Kye, entegeka Ye.

168 N'agamba ne Kayini, nti, "Naawe kola ekintu kye kimu, obeere mulamu." Naye olowooza yali asobola okulekayo endowooza ye? Nedda, ssebo. Yali mutakkiriza, era yavaawo buvi. Ky'ekyo. Kayini yakola ekintu kye kimu. Nimuloodi yakola ekintu kye kimu. Batakkiriza! Teyakkiriza.

Berutesazza, ekintu kye kimu, wadde, manya . . .

169 Nebukadduneeza, wadde yalina Danyeri nga amutwala nga katonda we, yamuyita Berutesazza, eryali erinnya lya katonda we, kuba yalaba Danyeri nga akola emirimu gya Katonda egy'ekitalo. N'amanya nti—nti nno Berutesazza yakkiriza, manya nti Danyeri yali katonda, kye yava amukolamu ekifaananyi, n'akisimba we kirabikira obulungi n'awaliriza abantu bonna okukisinza, n'ebirala. Olaba, obwakabaka bw'Abamawanga bwatandika na kuwaliriza bantu kusinza kifaananyi kya muntu omutukuvu, era obwakabaka bw'Abamawanga bukomekkereza na kuwaliriza bantu kusinza kifaananyi kya muntu omutukuvu, okiraba, mu ngeri y'emu.

170 Era waaliwo n'ekyali kiwandiikiddwa n'omukono ku kisenge, mu nnimi ezitamanyiddwa, ku ntandikwa y'obwakabaka bw'Abamawanga, ekyalema abalala bonna okusoma okuggyako nnabbi oyo. Ne leero waliwo ekiwandiikiddwa n'omukono ku kisenge, bwe kiri ekigamba nti, "Ikaboodi," ekitegeeza nti ekitiibwa kya Katonda kyava mu bintu ebyo. Era ekyo ekiwandiikiddwa n'omukono weekiri ku kisenge era kisobola kusomebwa ntegeera ya mwoyo ekkiririza mu bintu eby'omwoyo, eyazaalibwa Omwoyo wa Katonda.

171 Muzeeyi Berusazza n'agenda n'aggyayo ebibya bya Mukama bino, okubinyweeramu omwenge. Lwaki? Yali mutakkiriza. Yalowooza nti yali mukkiriza, naye yali mutakkiriza. Olaba, ky'ekyo, Ekigambo teyakikkiriza.

172 Akabu, yali mutakkiriza, newankubadde ya—yeeyisa nga ataali. Nedda, nedda, yabeeranga mu bakkiriza, naye yali mutakkiriza. Yakola ki? Yawasa omukazi omusinza w'ebifaananyi, n'aleeta, okusinza ebifaananyi, munda mu Isiraeri. Yali mutakkiriza. Ekyo tukimanyi.

173 Basambajja Ekigambo kya Katonda kyonna awamu nga bagamba si kituufu. Atakkiriza ekyo ky'akola, olaba, kati jjukira nti, abeera munnanfuusi. Era bw'atyo bwe—bwe yeeyisa,

agamba mbu akikkiriza, naye ate n'akisambajja. Agamba mbu, "Kale, ekitundutundu ekisinga obunene ku Kyo kituufu." Naye bwe kiba nti kyonna kyonna awamu si kifuufu, kati oyo aba afuuse mutakkiriza. Oteekwa okukkiriza buli kantu konna na buli katonnyeze, na buli kintu kyonna ekiri Omwo. Kirina okuba nti kituufu. Bwe kiba si kituufu, bw'ogamba nti kati, "Ekyo ssikikkiriza," kati, awo obeera oli mutakkiriza.

174 Lumu waliwo omusajja eyaŋŋamba, yali mu—muweereza n'aŋŋamba nti, "Nze ssifaayo, Mw. Branham, ne bw'oleeta abantu abenkana wa b'o—b'ogamba mbu baawonyezebwa, ssiyinza kukikkiriza."

175 Ne mmugamba nti, "Kituufu ddala, tosobola kukikkiriza. Oli mutakkiriza. Si kikyo. Kya bakkiriza bokka."

176 Oteekwa okukikkiriza. Okiraba? Naye bo tebakikkiriza. Kale bw'olaba omuntu ow'engeri eyo, abo Pawulo (nnabbi) yaboogerako bulungi, nga agamba nti baliba "bakakanyavu, abeegulumiza, abaagala amasanyu okusinga Katonda; nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana Amaanyi gaakwo, Amaanyi g'Ekigambo; abalinga abo obakubanga amabega." Weetegereze, Ekigambo kyonna awamu bakisambajja naye ate nga bannaddiini mu buli nkola yonna. Bantu abatakkiririza mu Kigambo eky'amazima, ne bwe kiba kikakasiddwa.

177 Okuyita mu mirembe gyonna, Katonda yakakasanga Ekigambo ekyayogerwanga abantu bano be njogeddeko, Nuuwa, n'abalala okutuukira ddala ku Musa, ne bannabbi bonna, n'abalala. Katonda yayogeranga okuyita mu bintu ebisukkulumye ebya bulijjo n'akakasa Ekigambo, naye era abantu abo ne bakizimuula.

178 Kati baabano abayigirizwa bayimiridde awo, abo ensanvu, nga balaba Yesu nga akola ebintu bino bye yakola, nga n'Ebyawandiikibwa babimanyi, nga naye Abagamba nti ogwo gwe mulembe bino mwe byalina okubeererawo. Naye bwe yabaako ne ky'Ayogera okugeza nti, "Omwana w'omuntu! Mmwe mumuyita mutya?" Bwe Yatandika okubabuulira ku by'okumenya omugaati, n'ebirala, n'agenda mu maaso n'okubabuulira ku bintu ebikulu eby'omwoyo.

Ne batuuka ne bagamba nti, "Ha, Kino nga kigambo kikalubo!"

179 N'agamba nti, "Kati olwo muligamba mutya, Omwana w'omuntu, bwe mulimulaba nga Alinnya okugenda mu Ggulu gye yava?" N'agamba nti, "Mubiri, gwe guwa obulamu, oba Mwoyo?" Okiraba?

180 Ne batambula ne bavaawo, nga bwe bagamba nti, "Ha, Ekyo, nedda, Ekyo ssiyinza kukikkiriza." Olaba? Ekigambo, ne bakizimuula. Tebasigala na kulaba biki biddirira. Oyo ye—oyo ye mutakkiriza.

181 Abo, olwo kiki kye bazzaako? Tukiraba nti abo, nti abantu bano, abakkiriza bano, abatwalibwa okuba abakkiriza, naye nga balina bubeezi kifaananyi eky'okuba abakkiriza, era nga balemwa n'okulaba Amazima g'Ekigambo kya Katonda agaba galabisiddwa kubanga Gaba gakontana ne bye bakkiriza. Olaba?

182 Si nsonga kiki ky'okkiriza, oba oli munyiikivu kwenkana wa, oba oli munnaddiini kwenkana wa, oba kiki kyonna, ebyo byonna tebirina kakwate konna nakyo. Obwesimbu, obwo nabwo, tebulina tebulina kakwate konna nakyo. Ndabye ku bantu abeesimbu ennyo! Ndabye abakafiiri nga bookya abaana baabwe, ne babawa zi goonya ne zibalya, ba maama n'obwana bwabwe obuwere. Ekyo kisinga ne ku Mukristaayo ky'asobola okukola. Mulaba? Nga mu butuufu, bakkiririza ddala mu bwesimbu, naye nga bakyamu mu bwesimbu obwo.

183 Abantu bagenda ne bagamba mbu, "Naye, ekkanisa eno nno ewangadde!" Ekyo, amazima gali nti obeera mukyamu mu bwesimbu bwo, kasita eba nga ekontana n'Ekigambo. "Naye, kati labayo, nze ssikkiririza mu kintu nga ekyo!" Naye, ate, yo Bayibuli egamba nti bwe kiri! Olaba? "Ssikkiriza nti *Kino* kitwetaagisa okukikola." Ssifaayo ku kiki ky'olowooza ky'oteetaaga kukola. Katonda yagamba kiteekwa okukolebwa.

184 "Obubonero buno bunaabagobereranga." Kutuuka wa? "Mu nsi yonna." Eri b'ani? "Eri ebitonde byonna." Mukiraba, kiribaawo! Kati, si kiribaawo, wabula kigenda kubaawo!

185 Kati Obubaka buno obw'ekiseera kino bwe tunyumirwa kaakano, Okubeerawo kwa Katonda, ennaku ez'oluvannyuma, ekiseera eky'akawungeezi nga Omusana gwaka, n'ebintu ebibikkuddwa, n'Ekigambo ekinywezeddwa ne kikakasibwa n'okukakasibwa nti ge Mazima; ne kiragulwa n'okulagulwa, ne kituukirira, okuyita mu ssaayansi na buli kimu kyonna, ne bikakasa nti Ye, "Yesu Kristo oyo abeera obumu jjo, leero n'emirembe gyonna." Naye era, Ekyo omuntu n'akizimuula, oyo—oyo aba mutakkiriza. Waba tewakyaliwo ssuubi gy'ali. Abeera asannyalaziddwa amaanyi ga Ssetaani, nga ebibye bikomye. Tewakyaliwo ssuubi gy'ali.

186 Kati oyo y'ani? Omukkiriza tumulabye; ne tulaba n'atakkiriza; kati ekibinja eky'okusatu, kye tugenda okwogerako, y'oyo eyeefaanaanyiriza okuba omukkiriza. Ye mulenzi oyo, eyeefaanaanyiriza okuba omukkiriza! Kati, mujjukire nti, bonsatule bonna baalimu. Kati, tukiraba nti, bakolera ddala nga kitaabwe bw'akola, Yuda.

Waaliwo Peetero n'abatume abalala, abakkiriza.

Ne wabaawo n'ensanvu, abatakkiriza.

187 Ne wabaawo ne Yuda, eyanyweererawo, eyali yeefaanaanyiriza okuba omukkiriza. Abo bo bakola ki? Bano beebo ababeererawo ddala okutuusa lwe babaako ne kye

bazuula, ne babaako ensobi gye bakisangamu. Buli kaseera baba banoonya nsobi, kulaba bwe kikolebwa, kulaba oba kakodyo bukodyo, oba bufuusa. Nga balinze kukola lukwe. Kye babeera banoonya.

188 Atakkiriza, ye talinda na kulinda. Ekyo aba yakisalidde dda omusango nti kikyamu, n'okufuluma nga yafulumye dda.

189 Omukkiriza, ye ka kibe kiki kyonna ekibaawo, ye Ekyo mu buli ngeri yonna, akikkiriza, kubanga Ekyo kye Kigambo.

Biibyo ebika byo ebisatu.

190 Omutakkiriza ajja kwekandaga, kasita wanaabaawo ekyogerwa kyonna, ky'atayagala. Ow'oluganda, ajja kulagirawo kiki ky'ali. Mutakkiriza. Pawulo yagamba nti, "Baatuvaamu, kubanga tebaali baffe, n'okusookera ddala. Baatandika naffe." "O, mwatandika bulungi; naye kiki ekyabaziyiza?" Okiraba? "Baatuvaamu, kubanga tebaali bannaffe." Bwe baalaba Ekigambo nga kigenda bulungi mu maaso, ate, bo ne baagala banoonyeeyo engeri y'akakolomooni ke baba bakozesa. Olaba?

191 Naye abakkiriza aba nnamaddala bo tebaba na kye babuuza kyonna. Kyawandiikibwa mu Kigambo, era bakikkiriza, ne beeyongera mu maaso. Ky'ekyo. Lubeerera, kyawandiikibwa. Bwe kiba tekyawandiikibwa, kyewalire, ddala, ka kibe kiki ekibaawo. Kirina kuba nga kyawandiikibwa. Mukiraba? Kale bo balaba Ekigambo ekyo ekyawandiikibwa era ne bakikkiriza. Ne balaba ne Katonda nga atambulira mu Kigambo Kye, ne balaba ebiro, Obubaka, ebiseera, ne batambula na Bwo.

192 Nga bwe nnagambye enkya ya leero, muzeeyi Piraato bw'ayinza okuba nga yeetala, ekiro, nga yeeraliikiridde, agezaako okwerongoosa. N'agamba, bannange, nga ateekwa n'okuba nga ekiro kyonna yakimala alaajana, nga agamba nti, "Na—na—nna—nnaabye engalo, ekiro kyonna, naye era ssikitegeera. Mulabeeyo, zigaanye okutukula. Ssisobola kugenda kumusisinkana; nnina Omusaayi mu ngalo zange." Ha, bannange! Labayo, ogwo omusango tegukusinganga. Olaba?

193 Guli mu ngalo zo. Waliwo engeri emu yokka gy'oyinza okugweggyako; era nga eyo, kwe kugukkiriza, ky'ekyo, n'ofuuka kitundu ku Gwo. Gwayiibwa lw'ekyo.

194 Kati, eyeefaanaanyiriza omukkiriza abeererawo ddala awo nga tavaawo nga munyiikivu ddala nga bw'asobola, naye nga munda mu mutima gwe agezaako kuketta kiki—kiki ky'o, ngeri, gy'okikola. Ha, abo ekika ekyo bwe baba si be bajjudde mu ggwanga, bannanfuusi abo! Ddala. Oyo ye Yuda. Ky'ekyo kyennyini. Abeera awo tavaawo, n'afuuka kitundu ku kibiina; ye yali omuwanika, olaba. Abeera kumpi awo, lubeerera aba asabiriza ssente. Ekyo kyo, osobola okukiraba, ye bulijjo aba anoonya sente, era abaako ne ky'asaba. Naye nga yeefaanaanyiriza bwefaanaanyiriza mukkiriza. Yeeyisa nga mukkiriza, naye nga munda mu mutima gwe . . .

195 Jjukira nti, yali talimbalimba Yesu. Ensanvu bwe baamala okuvaawo, n'abakkiriza ne balaga ludda ki kwe bagwa; n'Akyukira abakkiriza, n'Abagamba nti, "Wakyaliwo ekikyabasigaddemu," kuba yagamba nti, "Nnabalonda kkumi na babiri, naye omu ku mmwe ssetaani." Yesu yamanyirawo, okuva ku ntandikwa, kubanga Ye yali Kigambo. Yali amanyi ebyama by'omu mutima.

196 Nga kiteekwa okuba nga kyali kikalubo! Sooka olindeko. Kirowoozeeko nnyo ddala, okumala akabanga akawera, okifumiitirizeeko ddala! Nga kiteekwa okuba nga kyali kikalubo nnyo gy'Ali, okutambulanga, n'omusajja eyamuyitanga, "Ow'oluganda," naye nga ebbanga eryo lyonna akimanyi bulungi nti ye mulimba eyali ow'okumwefuulira, amutundemu ebitundu asatu ebya ffeeza. Nga kyali kizibu okukigumira mu mutima Gwe, nga mukwano Gwe ddala bwe baayitanga bonna. Yagamba n'okugamba nti, "Mukwano gwange," nga ayita Yuda mukwano Gwe, "ssibadde naawe ebbanga lino lyonna?" Yali akimanyi mu mutima Gwe, naye nga tayinza kukyogera. Yamanyirawo okuva ku ntandikwa, ani eyali ow'okumulyamu olukwe.

197 Wuuyo eyeefaanaanyiriza omukkiriza abeera awo nga alinze bulinzi. Ajja kukiyimba, agambe mbu, "Ha, *kino* nkikkiriza, na *kino* nkikkiriza, na *kino* nkikkiriza. Naye, ha, omanyi, waliwo gwe nnawulira agamba nti ebyo byali bya biseera *gundi*." Ha, olaba, amala gawuliriza buli ky'asanze.

198 Omukkiriza owa nnamaddala tawuliriza kintu kirala kyonna okuggyako Ekigambo. Ky'ekyo kyokka. Yekkaanya Kigambo. Aba tanoonya nsobi. Aba tanoonya bukodyo bwonna. Ye akkiriza Katonda, ekyo ne kimumala, ne yeeyongerayo mu maaso. Olaba? Oyo ye mukkiriza.

199 Atakkiriza ye ajjulirawo mu kaseera buseera, tasobola na kumala ddakiika ziwera kkumi nga awuliriza Obubaka. Aba yasituse dda n'afuluma. Buvumirira ekikwate kye, kale aba tasobola kubugumiikiriza n'akatono, bw'atyo ky'ava afuluma.

200 Naye, oyo eyeefaanaanyiriza omukkiriza ye abeerawo awo taseguka, Yuda oyo. Olaba, oyo y'abuzaabuza. Oyo ye—oyo ye muyaaye, bwe mba wa kukozesa kigambo nga ekyo. Yuda, ye abeerawo awo tavaawo. Kino kye kiseera, oluusi, bano abeefaanaanyiriza abakkiriza batera okuba abatutumufu ennyo mu bantu. Bwe kiri, bano abeefaanaanyiriza okuba abakkiriza. Abamu ku bo babeera bantu ba maanyi, nga bayivu, balina ddiguli ey'okusatu, n'emisaala emisava, na buli kimu. Abamu ku bo baba bantu batutumufu, nga bakujjukujju, era nga abaana ba Ssetaani bwe babeera.

201 Ggwe laba engeri Ssetaani gye yasembererera ddala n'akkiriziganya na buli katundu ku Kigambo ekyo; naye nga alinze bulinzi kuzuula bunafu bwa Kaawa we buli, afune w'anaalagira amaanyi ge okumulimbalimba, amulyemu olukwe.

Oyo ye—oyo ye yali Ssetaani. Ne wano wuuno wano Ssetaani, mu kifaananyi kya Yuda, mu mulembe ogwo. Oyo ye yali Ssetaani mu mulembe ogwasooka. Kiki kye yali? Yakkiriziganya bulungi n'Ekigambo n'alekayo akantu kamu kokka; nga agezaako kunoonya w'asanga obunafu.

202 Era ky'ekyo kyennyini Yuda ky'azuula ne mu kaseera kano kennyini. Ajja kukkiriziganya bulungi n'ebigenda mu maaso mu lukuŋŋaana, yeetegereze okutuusa lw'anaabaako ne ky'azuula, kw'anaasinziira agambe nti, "Otyo, kiikyo! Ky'ekyo kyennyini!" Mulaba? "O, bwe bati bwe bakikola!" Olaba? Kye ekyo kyennyini.

203 Bangi ku mmwe mujjukira erudda eri akawungeezi ako omusajja oyo bwe yajja ku kadaala. Yali alowooza mbu kaadi z'ab'okusabirwa zirimu engeri y'okusoma ebirowoozo by'abantu, era yalowooza nti ku olwo yali akiguddemu. Ow'oluganda, ya—yali mukakafu nti akiguddemu. Bw'atyo n'ajja. Yali ava mu kkanisa gye batakkiririza mu—mu—mu bino bya, mu Njiri, Enjiri enzijuvu. Bw'atyo n'alinnya waggulu ku kadaala. Nnali nkooye. Nga bategeka kunzigyawo.

204 Ebyo byali mu Windsor, Ontario. Gye twali, ne wajja omusajja okuva mu—mu Amerika, okuviira ddala mu Detroit, n'ajja mu Windsor, bwe twali mu kizimbe ekinene ekikuŋŋaanirwamu.

205 Ne wajja omusajja ono nga ayambadde essuuti eya kikuusikuusi, n'ettaayi emmyuufu, nga musajja alabika okuba nga mugezi ddala, nga obwongo bumwesera. N'ajja ku kadaala. Nze ne. . . N'alinnya waggulu. Ne ŋŋamba nti, "Kale, ka nkwate bukwasi ku mukono gwo." Ne ŋŋamba nti, "Nkooye; okwolesebwa kwe ndabye kungi nnyo. Ka nkwate bukwasi ku mukono gwo." Kati—kati omusajja n'okumwetegereza ssaamwetegereza. Omukono gwe n'aguteeka mu gwange. Ne mmugamba nti, "Ssebo, tolina buzibu bwonna. Weeyongereyo."

Kko ye nti, "Ha, weebuli, nno."

206 Ne ŋŋamba nti, "Kale, leka ndabe." Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssebo, tewali kabonero n'akamu. Nedda, ssebo, oli mulamu bulungi."

N'agamba nti, "Ggwe laba ku kkaadi yange ey'okusabirwa!"

207 Ne mmugamba nti, "Ssifaayo biki bye watadde ku kaadi yo ey'okusabirwa." Ne ŋŋamba nti, "Nze ebya kaadi ey'ab'okusabirwa tebinkwatako," nga n'okulowooza sikyalowooza, olaba. Nnali nkooye nga nzenna nnyenjebuse. Bannange . . . Naye ekisa kya Katonda, olaba, kyali kikyaliwo.

208 Jjukira nti, bw'Akutuma, buba buvunaanyizibwa Bwe okukulabirira. Si bwange; Bubwe. Ye yakisindika Ekyo. Nze nteekeddwa kuyimirira buyimirizi ku kituufu.

209 Musa bwe yasuula omuggo gwe wansi, ne gufuuka omusota, n'abafumu nabo ne bakola ekintu kye kimu, Musa kiki kye yali ayinza okukola okuggyako okuyimirira awo n'alindirira ekisa kya Katonda? Ky'ekyo kyokka. Kintu kye kimu. Yagoberera biragiro. Era ebyaddirira mubimanyi, temubimanyi? Mulaba?

210 Kati omusajja ono n'agamba nti, "Kati," n'agamba nti, "weebuli. Ggwe tunula ku kkaadi yange."

211 Ne ŋŋamba nti, "Tomanya, wandiba nga obadde n'okukkiriza kungi, nga osobodde okukikola," nga n'okulowooza sikyalowooza, olaba. Nnali . . . nga sitaddeeyo na birowoozo.

212 Kati awo n'asumulula amapeesa g'ekkooti ye n'ata ekifuba kye. N'agamba nti, "Nkuguddemu!" nga ayogera eri ekibiina.

Muli ne nneebuuza nti, "Kiki ekigenda mu maaso wano?"

213 Ne yeetolooza amaaso. N'agamba nti, "Nkuguddemu!" N'agamba nti, "Akakodyo mukalaba?" Oyo nno ye Yuda wammwe, musajja munnaddiini, mubuulizi mu kibiina ky'eddiini ekinene. N'agamba nti, "Nkuguddemu! Mbu 'mbadde n'okukkiriza kungi.' Kati anafuyidde ddala, takyasobola na kusoma birowoozo. Mulaba, kati tebikyamujjira." Awo n'agamba nti, "Tekiri mbu okukkiriza kwange kubadde kunene nnyo." N'agamba nti, "Ebyo nnabiwandiise ku kkaadi y'ab'okusabirwa, naye kati tasobola kubiraba, mulaba." N'agamba nti, "Ako ke kakodyo!"

214 Muli ne nneebuuza naye, "Kiki ekigenda mu maaso?" Awo ekisa kya Katonda ne kikka.

215 Ne mmugamba nti, "Ssebo, lwaki ssetaani akitadde mu mutima gwo okugezaako okulimba Katonda?" Yuda ow'omulembe! Ne ŋŋamba nti, "Oli wa nzikiriza ya kkanisa ya Kristo . . . " Munsonyiwe. Naye, era mmaze okukyogera. "Oli mubuulizi mu nzikiriza y'ekkanisa ya Kristo. Oli wa nzikiriza ya kkanisa ya Kristo, eri mu Amerika. Era omusajja oli atudde wali ayambadde essuuti eya bbulu, ne mukyala wo wamu ne mukyala we atudde wali, ekiro ekikeesezza olwa leero mwatudde wamu ku mmeeza eyabaddeko ekintu ekya kiragala, nga kyaliriddwa bwe—bwe *kiti,* ne mukipanga nti kino kuba 'kusoma birowoozo bya bantu,' era nga muli ba kujja akawungeezi kano."

216 Omusajja oli n'asituka. N'agamba nti, "Ago ge mazima gennyini. Katonda ansaasire!"

217 Ne ŋŋamba nti, "Ssebo, ku kkaadi eyo wawandiiseeko nti oli mulwadde wa 'akafuba ne kookolo', era kaakati obirina. Bibyo kaakati."

N'anneerippa ku kugulu kw'empale, n'agamba nti, "Ssaagenderedde . . . "

218 Ne ŋŋamba nti, "Ssisobola kukuyamba. Genda bugenzi. Ekyo kiri wakati wo ne Katonda. Ggwe wennyini

weewandiikidde omusango gwo ku kkaadi yo." Era zaamukwata. Bwe bityo bwe byali.

219 Olaba, abeefanaanyiriza abakkiriza, abalimba, nga bagezaako okukwata Katonda n'Ekigambo Kye ensobi. Abo be Bayuda. Beebo. Mulaba Yuda bwe yavaayo? Mulaba ne sempala oyo bwe yavaayo? Bwe batyo abeefanaanyiriza abakkiriza bwe bakola. Mulaba, abeefanaanyiriza abakkiriza, ha, oluusi, baba bayivu nnyo, naye ne wajja okwolekanya obwanga wakati w'Ekigambo n'ebikwate byabwe. Era, bwe kujja, ggwe bakulyamu olukwe ne bakutunda eri ekibiina kyabwe eky'eddiini era nga n'eyabakulemberamu bwe yakola, Yuda. Yuda yakola olukwe n'ekibiina ky'eddiini ye; yatunda Yesu, Kigambo, eri ekibiina ky'eddiini ye, n'alyamu Yesu Kristo olukwe bwe yeerimbika mu kuba ekitundu ku Kyo.

220 Abaweereza oluusi bagenda ne bagamba mbu baweereza ba Kristo, naye Ekigambo bwe kirabisibwa awatali kuwannaanya ne kiba nga kikakasiddwa nti kye ky'ebiro ebyo, nti bwe Bubaka obw'ekiseera ekyo, ate ne bamulyamu olukwe ne bamutunda eri ebibiina byabwe ebya amadiini, olw'ettutumu; mu ngeri y'emu ddala nga Yuda bwe yakola, bwe yalyamu Yesu olukwe nga amuguza Abafalisaayo n'Abasaddukaayo. Omwoyo ogwo tegufa, n'olwekyo awo mubaamu abakkiriza, abeefaanaanyiriza abakkiriza, n'abatakkiriza. Mulaba, bwe kiri ddala, yeesowolayo bulambalamba n'ajja atunda Yesu ebitundu asatu ebya ffeeza; era ekyo abasajja bangi leero abajja okukikola olw'okufuna we bajja eky'okulya, okusobola okufunayo ddoola endala kikumi buli wiiki; mazima ddala, beegaane Katonda ali wakati mu bo, eyagula obulamu bwabwe, wamu n'Ekigambo ekijjuvu.

221 Bagambe n'okugamba mbu, "Ha, ebyo ebiro by'eby'amagero byakoma!" oba mbu, "Katonda ebintu eby'engeri eyo ennaku zino takyabyetaaga." Olaba? "O, nzikiririza mu Yesu Kristo, Omwana wa Katonda! 'Mirembe Maria, nnyina Katonda, waweebwa omukisa mu bakazi bonna!'" N'ebintu ebirala bino byonna bye boogera! N'abamu ku bo ne bagamba mbu, "Nzikiririza mu Nzikiriza y'Abatume. Nzikiririza mu Katonda Patiri, Omuyinza wa buli kantu, Omutonzi w'eggulu n'ensi. Nzikiririza mu ekereziya Katolika entukuvu ey'e Rooma, n'ebintu bino byonna."

222 Mbuulira ddi abatume lwe baali babadde n'enzikiriza efaanana bw'etyo. Abatume bwe baba baali babadde n'enzikiriza yonna, ewandiikiddwa mu Bikolwa by'Abatume 2:38, "Mwenenye mubatizibwe, buli omu ku mmwe, mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuggyibwako ebibi, munaafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu." Bwe baba baalina enzikiriza yonna, yali eyo. Tebaalina kikwate kya ddiini. Baalina Kigambo. Kituufu ekyo. Kisigala kikyali kye kimu. Eyo y'endagiriro ku nkozesa y'eddagala eriwonya endwadde y'ekibi, "Munaafuna ekirabo ky'Omwoyo Omutukuvu! Mwenenye

mubatizibwe olw'okuggyibwako ebibi, olaba, munaafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu."

223 Naye bali ba nkwe, nga Yuda. Oyo y'eyeefaanaanyiriza omukkiriza. Abamu ku bo balina ebitone eby'amaanyi ddala. Era ssempala ono eyeefaanaanyiriza omukkiriza, mwerinde. Oyo ye ssempala omukuluppya. Kano ka ssempala akasunguwala amangu, ne kabuuka ne kafuluma, oluwulira akagambo ke kataagala, ggwe ako tokafaako; n'okusooka kwa byonna, si kakkiriza. Naye bw'olaba ono ssempala, eyeefaanaanyiriza omukkiriza, alemerako n'atavaawo, olaba, oyo ye Yuda. Ye oyo.

224 Nga abamu abalina ebitone eby'amaanyi. Wano ŋŋenda kubaako amannya ge mmenya. Mu butuufu, kye ssandikoze, naye, ŋŋenda kumala gaboogera, musobole okubamanya. Nga, Elvis Presley, Red Foley, Ernie Ford, Pat Boone. Elvis Prisley, Omupentekoote; Pat Boone, ow'enzikiriza y'ekkanisa ya Kristo; Red Foley, omudiikoni mu nzikiriza y'ekkanisa ya Kristo; ndowooza Ernest Ford ye Mumesodisiti. Ate abantu abo bonna balina ebitone eby'amaanyi, bagezi, balabikira ku ttivi. Abantu ne batuuka n'okugamba nti, "Ky'ogamba, si ba mwoyo? Nga ndaba bayimba ennyimba." Ekyo tekirina makulu n'akamu. Yee, ssebo. Kulimba bulimbi nsi!

225 Bakifunamu ki? Yuda yafunamu ebitundu asatu ebya feeza. Elvis, yafunamu luseregende lwa mmotoka zi Cadillac, ne ddoola obukadde kikumi, manya bibiri, obukadde bwa ddoola kikumi mu ataano, manyanga ddoola akakadde kalamba mu ntambi z'ennyimba ezaamenya likodi n'ebintu nga ebyo. Pat Boone n'abalala bonna. Ssifaayo kkanisa ki mwe bava, n'ebirala byonna, obwo bunnanfuusi. Kwefaanaanyiriza bwefaanaanyiriza. Kwerimbika bwerimbisi. Naye, obulamu bwabwe bukakasa, nti si kituufu. Ddala.

226 Kati ate ne wabaawo abo abalina talanta nga bategesi ba kitalo, mu magezi ag'ensi. Bagamba mbu, babuulira Njiri; basajja bagezi, bakenkufu. Wuliriza, omusajja yenna eyatendekebwa okukola omulimu ogwo, oyo tabeera mubuulizi. Abeera musomesa eyatendekebwa obutendekebwa okukola ekyo. Ogwo gwe mutawaana gwe tulina ensangi zino, tulina basomesa abaatendekebwa obutendekebwa.

227 Yesu tagambangako nti, "Mugende mutendekebwe okukola kino." Yagamba nti, "Mugende mubuulire Enjiri, n'obubonero buno bunaagobereranga okubuulira." Mulaba? Mulaba?

228 Ekyo tekitegeeza kutendekebwa kufuuka musomesa atendekekeddwa asobola okuyimirira n'a, bannange, n'akiteekamu ebintu ebinyumisa, n'akuleetera okuwulira nga ggwe atudde mu maaso ga Ssaabamalayika. Si kye kitegeeza. "Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda," olaba, oyo aba musomesa eyatendekebwa obutenkedebwa, Omwoyo Omutukuvu si y'aba akola.

229 Akasajja akatamanyi na nnyukuta zisookerwako eza ABC, kayinza okujja nga kalina Amaanyi ag'okukkiriza wamu n'Ekigambo; ne kaleetera Omwoyo Omutukuvu okukola ebintu omusajja oli by'atamanyiiko yadde, n'atuuka n'okubisambajja. Olaba? Kiikyo.

230 Bantu ba kitalo! Yee, ssebo. Kale nno, bayiiya balungi. Bantu abakulaakulana, bayitimuka mu bye bakola, bakenkufu mu magezi g'ensi.

231 Mu ngeri y'emu ddala nga Ssetaani bwe yakola Kaawa, mukazi wattu oyo, eyali tasobola kwennyonnyolako. Yajjira ddala gy'ali n'agezaako okumumatiza nti yali agenda kuba mugezi okusinga bwe yali, era nga ekyo kye yali anoonya. Mu kifo ky'okusigala ku ekyo Ekigambo kye kyali kigamba, ya—yayagala amuguze endowooza ey'okuba omugezi okusinga bwe yali, era omukazi endowooza ye n'agigula. Era bakyakola ekintu kye kimu ne leero. "Amagezi g'ensi eno busirusiru eri Katonda." Yee, ssebo.

232 Nedda, ssebo! Ha, bannange, kintu kye kimu n'Abafalisaayo kye baakola, bwe baaluka olukwe, olaba, ku magezi gonna ge baali bamanyi. Naye—naye ne basambajja Ekigambo kya Katonda.

233 Ne bwe Kikakasibwa ddala ne Kinywezebwa gye bali, era bagezaako okubaako ne kye bakinoonyaako, nga balowooza mbu Ekyo kakodyo bukodyo. Mu mitima gyabwe baba tebatebenkedde. Tebasobola kukikkiriza Ekyo. Osobola okubannyonnyola buli kimu, naye era ne bakomawo; n'oddamu era n'obannyonnyola ekirala, ne baddamu ne bakomawo. Nga teba . . . Nga tebasobola kukiyingiza, olaba. Era bw'obeetegereza; baba balindiridde kaseera buseera, kubaako nsobi gye bafuna. Kye kyokka kye baba baagala.

234 Eyo y'ensonga lwaki, ssinga tekyali kisa kya Katonda, ensobi zange zonna zandyanikiddwa, ssinga nnalinayo yadde emu bw'eti. Mukiraba? Kisa kya Katonda, kubanga mu Kigambo kya Katonda temuliimu nsobi; Enjiri nnambulukufu. Bulijjo ŋŋamba ntinno, omuntu yenna, bw'olaba nga njigiriza oba nga nkola ekintu kyonna ekitakwataganira ddala na Kigambo kya Katonda, jjangu ombuulire. Kino kye kintu ekizibikira ensobi ze mugezaako okunoonya. Amaaso go gateeke buteesi ku Ekyo, tojja kubaako nsobi zonna z'olaba, kubanga temuli nsobi.

235 Kati jjukira, Yuda yalowooza nti alina gy'azudde. N'omusajja oli yalowooza nti y'alina gy'azudde. Emirundi mingi bagenda ne balowooza mbu bagiguddeko, naye gye biggwera nga si bwe kiri. Abo be beefaanaanyiriza abakkiriza, bannanfuusi. Bali ku Kigambo ebitundu kyenda mu bitaano ku kikumi, ne Kaawa bwe yali, naye, yakiriko ebitundu kyenda mu mwenda n'obutundu mwenda ku kkumi; naye kaali katundu ako akamu ku kkumi ke kavaako okufa kwonna n'ennaku.

236 Ekyo kye kintu kyokka ekisalira omusango ekibiina ekigunje n'ebirala, kubanga tebakkiriza Kigambo kya Katonda kyonna mu bulamba. Abo be beefaanaanyiriza obwefaanaanyiriza okuba abakkiriza. Tusanga nti lubeerera bwe kityo bwe kibaddenga, naye ne basambajja, Ekigambo ekituufu ekikakasiddwa. Bano mu buli mulembe babeeramu. Tugenda kubalaba gye tweyongera mu maaso, n'ekirala babeera bannaddiini nnyo.

237 Kati, ntegeka kumaliriza mu kaseera kano kennyini, kubanga nkozesezza ekitundu ekirala kiramba eky'essaawa.

238 Yesu, tukizuula nti yatulabula ku biro bino eby'oluvannyuma ne ku bantu ab'engeri eno, nti baliba bafaananira ddala ekintu kyennyini, nti balirimbira ddala n'Abalonde bennyini. Be b'ani abo? Abo be Bayuda, a—abantu abatuuka ewala ennyo ddala. Labayo, ba—basobola n'okukaaba, ne baleekaana, ne bagamba n'okugamba mbu bagoba emizimu, na buli kimu, ate ne beetema engalike Ekigambo ne bakigaana. Ddala ddala. Beefaanaanyiriza okuba abatya Katonda. Bayinza n'o—bayinza n'o—babula na ku . . .

239 Laba Yuda we yatuuka. Omwoyo gwa Yuda gwalinnya ne guyingira mu Njiri, okutuukira ddala ku Pentekoote. Naye bwe gwatuuka ku kiseera kye eky'okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, na bino ebirala ebigendera awamu n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, ate ne yeetema engalike. N'alaga kiki ky'ali kyennyini. Era omwoyo ogwo gusobola okubeera mu bibiina by'amadiini ebyo ne gutuuka n'okusembererera ddala Amazima ago, naye ate bwe gumala ne guddirayo ddala emabega, okufaananako n'omwoyo ogubiriko, ogwakulembera okujja kwabyo; nga ne Yokaana bwe yakulembera okujja kwa Yesu.

"Kati oyinza okugamba nti, 'Yesu yagamba nti giriba gifaanagana nnyo.'"

240 Kati, "Abalonde," beebo bannannyini mannya agaawandiikibwa ku Kitabo, eky'Obulamu, okuva ku kutondebwa, abakkiriza, manya ku kutondebwa kw'ensi, abakkiriza Ekigambo ky'Obulamu kyonna. Abo be Balonde.

241 Kati wekkaanye abantu bano. Kati, bino mbyogera n'obuwombeefu n'okussaamu ekitiibwa, wamu n'okwagala okw'okutya Katonda; kuba bwe sikikola, mba—mba—mba—mba nneetaaga kugenda ku wolutaali, nange kennyini. Weetegereze, Yesu yagamba nti balikyamya n'Abalonde bennyini. Kati, abo tebayinza kuba Bamesodisiti, abo tebayinza kuba Babaputisiti; abo n'okusooka kwa byonna, tukimanyi nti si bakkiriza. Wabula, bye bibiina ebigunje eby'Ekipentekoote ebyayingira mu kibiina ky'eddiini ekyo, ne beekolera ensalo, nga baggalira Ekigambo ebweru; ne bakola ensalo ne bateekawo ekibiina ekyabwe ku bwabwe, Ekigambo ne bakiggalira ebweru. Balirimba Abalonde

bennyini bennyini, bafaanaganira ddala! Oyinza okugamba nti, "Naye bakaaba. Ne baleekaana. Ne babuukabuuka. Bagamba n'okugamba mbu babeera n'enkuŋŋaana ez'okusabira abalwadde." Ne Yuda bwe yakola bw'atyo, n'abalala bonna bwe batyo bwe baakola. Bwe baafuluma, baakomawo basanyufu na buli kimu, n'amannya gaabwe gaali gaawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga.

242 Naye, jjukira nti, Omugole ye ta—ta—tajjira mu kibinja ekyo. Ye alinnya n'agendera mu Kukwakkulibwa.

243 Mu kusala Omusango, okulamulwa kwategekebwa, "Ebitabo ne bibikkulwa, ababi; n'Ekitabo ekirala, nga kye Kitabo ky'Obulamu, nakyo ne kibikkulwa," era Omugole ye yaliwo okukiramula. Mulaba? Mulaba? "Ekitabo ekirala ne kibikkulwa, nga kye Kitabo ky'Obulamu." Okwo kwe kwawula endiga ne zidda ku ludda olumu, n'embuzi ku ludda olulala. Olaba, abantu abaafa edda, abataafuna kakisa, be baliba ab'okwawula.

244 Naye kati labayo, "balikyamya" n'Abalonde bennyini, weetegereze ekibinja ekyo. Ekyo kye kibinja ekigobererera ddala nga bagamba nti, "Weewaawo, ow'oluganda. Aleeruuya! Weewaawo. Ekitiibwa kibe eri Katonda!" Naye nga munda mu mutima gwo osobola okulaba kiki kye bakolerera; bakwaniriza mu kkanisa (nga kiki kye baluubirira?) kukuŋŋanyizaako bibiina bya bantu, basobole okubakamulamu ssente zonna ze basobola okubaggyamu. Mulowooza ekyo ssikimanyi? Bayinza obutakirowozaako nti nkimanyi, naye nkimanyi.

245 Yesu yamanyirawo, okuva ku ntandikwa, omulimba y'ani. Mulaba? Mulaba? Naye yakola ki? Yalinda bulinzi okutuusa ekiseera ekyo. Ekyo bulijjo kye tuteekwa okukola, kulinda okutuuka ekiseera ekyo. Ggwe teweeyingizaamu. Linda okutuusa eddakiika eyo.

246 Nga balina eki-. . . ekifaananyi, era nga beeyongera mu maaso, ekyo kye kibinja ekibuzaabuza. Wekalirize omulimba oyo abuzaabuza, ekibinja ekyo awo; si—si omukkiriza, si atakkiriza, naye oyo eyeefaanaanyiriza okuba omukkiriza. Ha, bannange! Babeera bakola ki? Bagenda bakoola bukoozi nga balowooza nti balina kye banaazuula, nga bakamula buli kasente konna ke basobola okuva mu bantu, olaba, ne balyoka bazituuma mu gabiina gano aganene; agalwanyisiza ddala obulwanyisa, ate bakimanyi. Olaba, bakimanyi.

247 Ggwe ne bw'oyogera kiki kyonna tekirina kye kikyusa. Abantu baabwe bulijjo babeera baabalabuliddewo dda nga tonajja ne babagamba nti, "Temubiwuliriza Ebyo."

248 Omusajja omu, yalina n'obuvumu okuyimirira eri mu Ohio, Ow'oluganda Kidd lwe yawonyezebwa, n'ajja awo mu maaso ku kadaala, n'agamba nti, "Kati, Ow'oluganda Branham nnabbi, ekyo tekiriiko kubuusabuusa n'akamu, bw'abeera

wansi w'amafuta. Naye kati," n'agamba nti, "amafuta bwe gaba gamuvuddeko," n'agamba nti, "temukkiriza Njigiriza ye, kubanga Nkyamu."

249 Teyakimanya nti, gye nnali ntudde mu kisenge kyange, Mukama yakimbikkulira. Era nnajja buzzi. Era bangi ku mmwe awo mwaliwo. Ne ŋŋamba nti, "Ddala omuntu kiki ekimwogeza ekintu bwe kityo, nga ate Ekigambo . . . " Kati, mulabeeyo, si nze ŋŋambye nti ndi nnabbi; y'akyogedde.

250 Era nnabbi, ekigambo *nnabbi*, "omulabi," Endagaano Enka-. . . Kati, mu Lungereza *nnabbi* kitegeeza "mubuulizi." Naye *omulabi* ow'omu Ndagaano Enkadde yali muntu eyabanga "n'Okutaputa kw'Ekigambo okuva eri Katonda," era yakakasibwanga kuyita mu Kigambo kujja gy'ali na kukirabirawo nga tekinnabaawo. Ekyo kye . . .

251 Kati omuntu ayinza atya okugamba nti gundi nnabbi, ate bw'amala n'agamba nti Enjigiriza ye nkyamu? Ako bwe kataba kakodyo ka kufunirako ssente, kiba kiki? Essaawa etuuse ekintu ekyo lwe kinaakukunulwayo kyanikibwe mu lujjudde. Ddala. Naye ekyo kye kika, oyo eyeefaanaanyiriza obwefaanaanyiriza omukkiriza, akusiisiitira ku mugongo, nga bw'akuyita "ow'oluganda" nga era Yuda bwe yakola. Naye, jjukira, Yamanyirawo okuva ku ntandikwa. Era na buli kati Amanyi. Yee, ssebo.

252 Mujjukire nti, n'abawuliriza olutambi luno, nabo, bwe kiri, nammwe mugwa mu kimu ku bika ebyo. Ekyo kituufu ddala. Kati tugenda kumaliriza. Buli muntu yenna ali wano, kati, buli muntu yenna awuliriza olutambi luno; era newankubadde lumu ndiva mu nsi eno, entambi zino zirisigalawo. Ky'ekyo. Mulaba? Kale oli mu kimu ku bika bino. Olina okuba mu kimu ku byo. Ky'ekyo kyennyini. Tosobola kukyebalama. Oli mu kimu ku bika bino.

253 Kaakati kiki? Weeyoleke n'ekika mu Bayibuli ekyakkiriza, awo w'okkiririza Ekigambo nga Kikakasiddwa, nga bwe nkikakasizza akawungeezi kano, nti ebbanga lyonna kibaddenga Kigambo ekikakasiddwa, era lubeerera kikontana n'endowooza y'abasinga obungi.

254 Ssinga waliwo mu biro bya Nuuwa, kaakati leka mbuuze, wandibadde ku ludda ki, ku ludda lwa kkanisa oba ku ludda lwa Nuuwa, nnabbi? Olaba?

255 Ssinga waliwo mu biro bya Musa, wandikkiriza Obubaka bwa Musa nga bumaze okukakasibwa ne bunyweezebwa Katonda? Oba wandigenze ne Koola ne Dasani, n'abalala, n'ogamba nti, "Si ggwe mutukuvu wekka. N'abantu abalala bino by'okola basobola okubikola, nabo"? Olaba? Wandibaddeko n'oludda kw'ogwa, era olulina, akawungeezi kano.

256 Oba wandibadde na Danyeri, oba na kkanisa eyali emmanga ku kabaga ka Nebukadduneeza ke baali bagabudde? Olaba?

Wandibadde bweru, oba wandibadde mmanga mu ntujjjo, mu—mu kibbiitu kye baalimu?

257 Wandibadde ne Eriya, omusajja eyali ayimiridde obw'omu yekka, nga bamuyita, "omubuyabuya, omutabufu w'omutwe," nga ali eyo ku ntikko y'olusozi, nga yenna omutwe ekiwalaata kitemagana mu kasana, nga akutte akaggo akeeweta, nga ebinyonyi bye bimuliisa, uh-huh, omubuyabuya? Oba wandibadde na bakabona na bali abalala emmanga eri ne Yezebeeri, n'abakazi abambadde engoye ez'omulembe eziriko? Nga Eriya ali awo, abanenya, n'obukambwe nga bw'asobola! Mukyala wo wandimututte ku ludda ki? Ggwe lowoozaamu. Weekubemu akafaananyi akawungeezi kano.

258 Mu nnaku za Yesu, wandibadde na Mulenzi ono ataalina bisaanyizo? Teyalina kibiina kya ddiini mw'asibuka. Baamubuuza nti, "Wava mu ttendekero ki? Ffe wano mu bitabo byaffe tetukulinaamu. Gano amagezi wagafuna otya? Wayiga otya nga si ffe twakuyigiriza ebintu bino? Ttendekero ki lye wayitamu? Oli Mumesodisiti, Mupulesibeteriyani, oba Mubaputisiti?" Teyali n'ekimu ku byo. [Ow'oluganda agamba nti, "Yalina Ekigambo."—Omuk.] Bwe kiri. Ye yali Kigambo. Ky'ekyo kyennyini ow'oluganda. Oli . . .

259 Oba wandizze ku ludda lw'Abafalisaayo ab'enzikiriza ey'omulembe eya nnamukadde kabona omuntumulamu eyalabikanga nga omulungi era omukkakkamu ennyo, wamu n'ekibiina ekyaliwo okuviira ddala ku Lukiiko lw'e Nikyeya, oba okuva Luther lwe yakigunjaawo? Oba ki—kibiina ki kye wandibadde nakyo? Wandibadde ku . . . Kibiina ki kye wandibadde nakyo? Wandiyimiridde n'Ekigambo nga omaze okukiraba nga Kikakasiddwa era ne kinywezebwa gy'oli, nti bwe Bubaka bw'ekiseera ekyo, oba wandibadde odda ku ludda lwa kkanisa? Kati ggwe muli weekubemu akafaananyi akawungeezi kano.

260 Wandibadde wamu n'abatume, bwe baalaba Yesu wamu n'ebintu bino byonna ebyewuunyisa, bwe Yagugumbula ababuulizi abo, n'agamba nti, "Muli kibondo kya misota"? Ababuulizi abo abeesimbu, abaasoma Ekigambo ekyo. N'abagamba nti, "Temuli kirala wabula muli mpuku za banyazi, era mu—mujjudde, magumba g'abafu. Temuliimu kantu wabula ekisenge obusenge ekisiigiddwa langi enjeru." Olaba? "Omugigi gw'amasalambwa." Wandiyimiridde n'Omusajja omukambwe ekyenkanidde awo, eyayimirira n'anenya buli kimu byonna n'abiyuzaayuza? N'ababuuza nti, "Ku mmwe ani ayinza okunvunaana ekibi? Bwe mba ssikola Kitange bye yayogera . . . "

261 Ne bagamba nti, "Temuwuliriza. Oyo Omusajja aliko omwoyo omubi. Muzoole. Mulalu. Aliko—aliko omwoyo gwa ssetaani. Mulaba? Kaakati, e . . . ekyo engeri gy'Akikolamu, Ye, ogwo mwoyo gwa mulaguzi gwe gumulimu. Ggwe mbuulira . . .

Kiki ky'Ali? Nnyina yamuzaala tebannaba kufumbiriganwa na bba. Mulaba? Mulaba? Yava mu ttendekero ki? Tetulinaawo na buwandiike bwonna bulaga nti Yasoma pulayimale."

262 So nga bwe Yali wa myaka kkumi n'ebiri, Yasamaaliriza n'awuniikiriza bakabona, n'Ekigambo kya Katonda. Mulaba? Yava mu ttendekero ki? Mu ttendekero erya Waggulu. Mulaba? "Bwe muliraba Omwana w'omuntu ng'alinnya okudda gye yava." Olaba, eryo lye lyali ettendekero Lye.

263 Naye ddala wandiyimiridde n'abatume, ku ludda lw'Omusajja afaanana bw'atyo, nga wazzeewo okwolekanya obwanga?

264 Oba wandivuddewo na bali ensanvu, nga ogamba nti, "Kati nno, ffe tugenda kweddirayo mu kkanisa yaffe bw'oba bw'Otyo bw'ogenda okuyigiriza, nga ogamba mbu, Ggwe, 'Mwana w'omuntu'? Nga, ate, ye Weeyita ki? Weeyita ki Ggwe? Oli muntu buntu nga nze, bulijjo tulya ffenna, kyokka Oli wano olina by'ogezaako okweyita. Nkulabidde ebbanga. Obunafu Bwo mbulabye. Nkulabyeko nga okaaba. Nkulabyeko nga okola *kino, kiri* na *kiri.* Nnali nkulabye nga Ogenda naffe mu lukoola, n'ebirala byonna ebifaanana bwe bityo, kitegeeza nti Oli muntu buntu. Kyokka oli wano Ogamba mbunno wava mu Ggulu. Nze ekyo kimpitiriddeko." Wanditambudde nabo? Oba wandivuddewo n'ogenda na bali ensanvu? Oba wandigenze mu maaso wamu n'abatume ne Kristo?

265 Omutukuvu Martin bwe yagezaako okunywerera ku kubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, mu ekereziya, ne bwe yagezaako okunyweerera ku bubonero n'eby'amagero n'ebirala, ekereziya Katolika omusajja bwe yamukonjera nti mukyamu n'emwesalirako ddala, n'okumugoba ne bamugoba mu nzikiriza yaabwe, wandizze ku ludda lwa bikwate bya Kikatuliki, oba wandiyimiridde na Mutukuvu Martin? Bwe yagaana okutimba ebifaananyi bino byonna eby'a—eby'abafu, n'okubisinza, okusinza ebifaananyi ebyo, n'ebirala, bwe yagaana enjigiriza ezaagunjibwa ezaagattibwako, n'agamba nti, "Leka Ekigambo ge gaba gaba Amazima!" Era Katonda n'amukakasa n'obubonero n'eby'amagero, ne bye yalagula ne bituukirira. Ne bye yakola byonna, n'atambulira mu Mwoyo wa Katonda era n'akikakasanga, ne wataba yadde n'omu ku bakabona abo yasobola kubaako ky'akikolako. Wandizze ku ludda lwe n'ogenda n'Omutukuvu Martin, oba wandigenze na bikwate bya Kikatuliki?

266 Kaakati Ekigambo, kati Ekigambo kya Katonda oba enjigiriza z'ekereziya ezaagunjibwa, biri mu maaso go. Onaatwala, onakkiriza njigiriza z'ekereziya ezaagunjibwa kye zigamba, oba onaatwala Kigambo kye kigamba?

267 Jjukira nti, mu mirembe gyonna kibaddenga nga bwe kiri kaakati. Lubeerera wabaawo endowooza y'abasinga obungi,

era bulijjo eba ekontanamukko katono n'Ekigambo ekya nnamaddala. Jjukira, eba tekiwakanya butereevu. Aha, nedda. Omulabe wa Kristo tawakanya Kigambo. Ddala takikola. Agamba nti akikkiriza, naye si kyonna mu bulamba bwa Kyo nga bwe Kiwandiikiddwa wano. Mulaba? Mulaba?

268 Ssetaani yagamba Kaawa, Kaawa Ekigambo kyonna yali akikkiriza, okuggyako akatundu ako kokka ssetaani ke yamugamba. Bakitwala Kyonna naye ne balekayo akatundu katono ddala, kayinza okuba, "kugenda mu kidiba," kayinza okuba ekintu ekirala; oteekwa okukitwala, Kyonna kyonna nga bwe Kiri *Wano,* olaba, nga bwe Kyogerwa *Wano,* kyandikwetaagisa okuddamu okukola ebikolwa ebisookerwako, naye ky'ekyo Ekigambo kye kigamba. Kano ke kabaddenga akakodyo ka Ssetaani okuva omulundi gwe yasooka okukakozesa ku Kaawa, kubaako bubeezi na katundu ku Kigambo k'otakkiriza.

269 Era, bulijjo ekyo kyawula ebika by'abantu bino ebisatu, Ekigambo kyawula abantu bano. Mu buli mulembe bwe kityo bwe kibaddenga. Buli mulembe ogwali gubaddewo, bwe kityo bwe kibaddenga, Katonda bwe yabangako ekintu ky'asindika n'akyoleka bulungi nti, kye Kigambo Kye.

270 Waabangawo abo abaagoberera, abagambanga nti bakkiriza, era nga ddala kye bali. Waabangawo abo abatakyukanga kudda mabega. Abakkirizanga Ekigambo. Kasita wasigalanga mu Kigambo nga tovuddeemu, nga bakikkiriza.

271 Naye kasita Kyajjanga ne kiba nga ekikontanamukko n'ekyo bo kye bakkiriza, Katonda ne bwe yakyolekanga atya, baagambanga bugambi nti, "Nga, nze—nze—nze sirina kye nkimanyiiko *Ekyo*." Oyo y'atakkiriza.

272 Oba ogoberera bugoberezi kutuusa w'onaafunira kakisa w'ogambira nti, "O-otyo, nkuguddemu!" Nga oli Yuda aliwo okubaako ne gw'ofumita ekiso mu mugongo nga bwe yakola. "Nnakimanya nti kyaddaaki, kirimanyika. Nkuguddemu!" Oyo ye yeefaanaanyiriza obwefaanaanyiriza omukkiriza. Tukiraba mu Bayibuli, buli wamu, wonna.

273 Lumu waaliwo akalenzi, emmanga wano mu Kentucky, kaakulira eyo mu nsozi, ka—kaali tekabangako wali ndabirwamu. Baalina akatundu k'endabirwamu ke baali baawanika waggulu ku muti, naye nga tekagitunulangamukko kweraba. Bagamba mbu, kajja wano mu Louisville, okubeerako ewa maama waako omuto. Omukyala oyo yali abeera mu gamu ku maka amalungi ddala, amaka ag'enkola ey'edda. Bwe baayingira mu kimu ku bi—bisenge ebisulwamu ekyaliko o—olujji olwaliko endabirwamu lwonna, nga eva wansi okutuukira ddala waggulu. Mulaba?

274 Kati kasajja kattu kaba keetala mu nnyumba, ne kayimirira. Ka Johnny ne kalaba ka Johnny. Olaba? Ne keetakula mu mutwe, ne ka Johnny mu ndabirwamu ne keetakula mu mutwe. Ne kaseka ne ka Johnny mu ndabirwamu ne kaseka. Ne kabuukabuuka, ne ka Johnny mu ndabirwamu ne kabuukabuuka. Olaba? Ne kasemberera ddala kumpi. Nga kalowooza nti kali kaali kalenzi ke kayinza okuzannya nako, kye kaava kasembera kumpi. Ne kakonkonera ddala, ku ndabirwamu. Kagenda okukyuka, nga bazadde baako bakasimbye amaaso. Ne kagamba nti, "Maama, oyo ye nze."

275 Kati naawe tunula mu *Kino,* olabe oli ani? Uh-huh. Uh-huh. Ogeegeenya kaliwa ku bu Johnny *buno*? Ku bwonna oli kaliwa, olaba? Oli kamu ku bwo.

276 Akamu ku bwo, y'oyo akyuka n'adda emabega, bw'abaako ensobi yonna gy'azuula, eyo gy'olaba nga ensobi. Olaba?

277 Gikebere nga okozesa Ekigambo olabe oba ddala nsobi, nga bwe kiri nti Ekigambo kikebera ebintu byonna. Olaba, ebintu byonna bikebere na Kigambo. Yesu bw'atyo bwe yagamba. Yee, seebo. "Nyweza ekyo ekirungi." Ky'ekyo kyennyini kye Yagamba.

278 Kati tunula mu ndabirwamu y'Ekigambo kya Katonda, mu mirembe emirala, olabe kibinja ki ku bino ebisatu kye wandibaliddwaamu. Kati kirowoozeeko, ssinga waliwo mu biro bya Nuuwa, ssinga waliwo mu biro bya Musa, ssinga waliwo mu biro bya Yesu, oba eby'omu ku bo, oba omulala yenna, kirowoozeemu wandibadde ogwa mu kibinja ki. Kirowoozeeko akawungeezi kano.

279 Kati, embeera mw'oli kati. Kaakati, kirowoozeeko kati. Kino kati kya buziba. Ate tomala gakiyita kungulu. Embeera yo gy'olimu kati ekukakasa kibinja ki mwe wandibadde mu kiseera kiri. Kati, mweramula mwekka, eraga kiki ky'oli.

280 Leevulandi, omubuulizi, wandibadde mu kibinja ki Yesu bwe yayogera ekigambo ekyo ekyali ekikalubo okukkiriza? Kiki? Kiki? Nga Amaze okukakasibwa mu bujjuvu nti Ye yali Kigambo, olaba, naye nga, ekigambo ekyo, towulirangako ku kintu kifaanana bwe kityo ekigamba nti, "Omwana w'omuntu, muligamba ki bw'Alirinnya mu Ggulu gye Yava?"

281 Ggwe n'ogamba nti, "Naye, ate gye Yazaalibwa mmanyiiyo. Kitaawe mumanyi, ne nnyina mumanyi, kyokka Wuuno agamba mbu Agenda kulinnya waggulu addeyo gye Yava." Ekyo kyandikuyitiriddeko, si bwe kiri, ssebo? Uh-huh. Kyandikuyitiriddeko; Ekyo tewandisobodde kukimira. Oba oli awo ne leero bwe kiri. Awo nno weerabe mu ndabirwamu y'Ekigambo kya Katonda olabe wa w'oyimiridde. Ha, omulimba w'abantu, ekyo tokikolanga.

282 Labayo, oli mu kimu ku bika bino. Embeera yo gy'olimu mu kaseera kano, embeera eriwo kati mu mutima gwo,

eri, ggwe ali wano mu kaseera kano mu kibiina kino kye ndabako, naawe aliba awuliriza olutambi luno mu kibiina kye ssiraba, embeera yo gy'olimu mu mutima gwo nga omaze okuwuliriza olutambi luno, eraga kika ki ky'olimu. Ekulaga wa wennyini w'ogwa, oba oli mukkiriza mu Kigambo era nga onaakinywererako, oba wandyekandazze n'ofuluma, oba olutambi n'oluggyako. Hmm? Ekyo kiraga kye wandikoze. Bw'oba toyagala kukiwuliriza, n'okiggyako bujja, n'ogamba nti, "Nze Ebyo ssaagala kubiwuliriza," oyo, oyo ye oli atakkiriza. Olaba, nga gwe tojja na kuyimirira kukikema kulaba oba Mazima oba nedda. Olaba? Oba onaabeerawo kugezaako kukinoonyaako nsobi, naawe, kati omanyi wa w'ogwa. Kikubuulira.

283 Katonda atuyambe okukikkiriza Ekyo tukinywerereko, era tube bawulize gye Kiri, tugondere Ekigambo, kubanga Ye ye Kigambo. Mukikkiriza ekyo?

Leka, leka tusabe.

284 Kitaffe omwagalwa Ow'omuggulu, nga oluusi, kikaluba, okwogera ebintu bino, nga tumanyi nti oba oli awo emitwalo n'emitwalo gy'abantu banaabiwuliriza ku ntambi, nga bwe zibuna wonna mu ggwanga ne mu nsi yonna. Naye ate, Mukama Omwagalwa, bituufu, bituufu nnyo ddala. Nsaba, ayi Mukama, sookera ku mutima gwange okulongoosa. Ayi Mukama, ngezesa, nkebera.

285 Ntunuulira, ayi Mukama. Ndi munafu. Nko—nko—nko . . . nko—nkooye. Nze—nzenna nnyenjebuse. Obulago bwange busaakadde. Emimwa gya—gya—gyange giringa egi—egi—egi—egikaze, kumpi. Ne, omubiri gwange gugenda gukaddiwa, ŋŋenda nkaddiwa. Era—era esigadde emirundi si mingi, Mukama, oba oli awo, enjuba ya kwetooloolayo emirundi emirala nga giigyo, okutuusa—okutuusa lwe—lwe nnaagenda.

286 Naye kaakano nkebera, kati, Kitange. Era bwe—bwe wabaawo ekintu kyonna kye nkola mu bukyamu, nga ssikimanyi, Ggwe—Ggwe kimbikkulire, Mukama. Ggwe—Ggwe kindage. Ndi—ndi mwetegefu kaakano okukirongoosa.

287 Nneeraba mu ndabirwamu y'Ekigambo kya Katonda. Ngwa wa? Mu ndabirwamu muli ekifaananyi kyange ndaba kyoleka Yesu Kristo? Oyo ye muntu gwe ndaba mu ndabirwamu? Ndabamu omu ku bakkiriza ab'Endagaano Enkadde, oba abakkiriza ab'Endagaano Empya? Ndabamu eyeefaanaanyiriza obwefaanaanyiriza okuba omukkiriza? Nneeraba nga omuntu atakkiriza atasobola na kugumiikiriza kuwuliriza Kigambo, wabula atwalamu endowooza ey'ekibiina ky'eddiini mu kifo kya kyo? Nneeraba nga aliimisa, agezaako okubaako ensobi gye nzuula?

288 Mukama, bwe kiba bwe kityo bwe kiri, nno—nnongoosa, Mukama. Leka omutima gwange gubeere mulongoofu nga

teguliimu nkeka yonna. Kubanga, buno bulamu bwange, Mukama, Nja . . . nja, njagala bugololwe. Tekigasa kubukolako kitundu butundu, bwe waba nga waliwo engeri y'okubugololera ddala. Nja, njagala bugololwe, ayi Kitange. Si ekyo kyokka, naye awo mba mbuza bubuza bantu, abasajja n'abakazi, n'abantu be njagala, era abanjagala; era mu ekyo, mba mukyamu.

289 Era, Kitange, bwe waba waliwo ekintu kyonna, ssinga nfuna ekirowoozo akawungeezi kano ekigamba nti emu ku kkanisa z'ebibiina by'eddiini ye ntuufu; oba nti Akakiiko akagatta Amakanisa ke katuufu, oba nti ekitundu ky'abantu ekisinga obunene kye kituufu; Mukama Katonda, nnyamba mbeere musajja ekimala, era Omukristaayo ekimala, okukkiriza ensobi yange nnyimirire wano abantu bano mbasindike gye ndowooza nti we watuufu. Nnongoosa. Leka ntunule ndabe. Naye bwe gutuuka ku bintu ebyo, Mukama, nze nga bwe nkiraba, balina kifaananyi bufaananyi naye Ekigambo bakisambajjja; kubanga osobola okukibabuulira, naye ne bakugamba nti, "Naye era, tekirina kye kikyusa. Ki . . . Katonda Ekyo si ky'asuubira kati."

290 Mukama, nzikiriza nti Oli Yesu y'omu. Oli Katonda y'omu nga bw'Obaddenga. Okyali Katonda, era tokyuka. Nzikiriza nti Bayibuli eno kye Kigambo Kyo, era nzikiriza nti Ggwe n'Ekigambo Kyo muli kye kimu.

291 Era nkusaba, ayi Katonda, Otuwe Omwoyo Wo Omutukuvu, okussa obulamu mu Kigambo, okutuwa Amaanyi agaleeta obulamu; kibeere nti, lumu obulamu bwe buliba bukomye, nga Omalirizza naffe, tuliramusibwa ne tulinnya mu Ggulu gye twali, mu birowoozo bya Katonda, nga ensi tennatondebwa. Ayi Katonda, kituwe.

292 Sonyiwa ebyonoono byaffe, Kitaffe. Wano bwe wabaawo abasajja oba abakazi, abali mu kika kiri ekirala, ekitali eky'abakkiririza mu Kigambo aba nnamaddala, ayi Katonda, longoosa emitima gyabwe. Bwe wabaawo abawuliriza olutambi, oba abaliruwuliriza, nsaba emitima gyabwe girongoosebwe, Obalongoose, ayi Mukama. Ssa—ssaagala kulaba nga babula. Ayi Katonda nsaba nti Onaa—Onaatuyamba okutegeera nti ekikyamu ekimu te—tekiggya kugolola kirala. Waliwo engeri emu yokka ey'okukikolamu, nga kwe kuggyawo ebikyamu byombi, ne tutereera. Era nkusaba, Kitaffe, Okituwe, okuyita mu Yesu Kristo Mukama waffe.

293 Nga tukotese emitwe gyaffe, n'emitima gyaffe nga gikotekeddwa, njagala kati musooke mulindeko okumala akaseera.

294 Bwe nnalaba okwolesebwa kwa ggeyeena, nga nkyali ka—kalenzi kato, ne ndaba nga bw'etiisa. Kati, mu kino nnandiba omukyamu. Naye okwo kwandiba nga kwali kulabula. Kisoboka. Simanyi. Naye kirabika nninako we nnali. Kyali mu buliwo ddala.

Kati ate, gye buvuddeko, lwe nnalaba emitendera awali ab'omukisa.

295 Bwe nnali mu mitendera awali abaabula, nnaleekaana ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, toganyanga omuntu yenna okujja wano!" Toyinza, tewali lulimi lusobola kunnyonnyola ntiisa ya kifo ekyo. Tewali ngeri gye nnyinza kukibannyonnyola. Bwe muba mukkiriza nti waliyo ggeyeena eyaka, ejjude omuliro n'ekibiriiti, kati eyo kyandibadde ki—kisiikirize ekiweweevu ekirimu omuddo omulungi bw'oba wa kukigeraageranya ku ntiisa abaabula bano gye baalimu, n'obuyinike ebiri—ebiri mu kifo ekyo.

296 Ate ne bwe ngezaako okubannyonnyola ku bintu ebisukkuluma okutegeera kw'obuntu, era ssisobola kunnyonnyola kifo ky'abo ab'omukisa, emirembe egikirimu! Teriiyo kufa, teriiyo kukaddiwa, teriiyo kulwala; eriyo kubeera bavubuka lubeerera, lubeerera kubeera na bulamu bulungi, nga tewali kufa; wabula Bulamu Butaggwaawo, mu myaka egy'omukisa egy'ekivubuka, tewali kibi oba ekintu ekirala kyonna! Ha, tewali ngeri yonna ya ku-. . . kukinnyonnyola, kukinnyonnyolamu.

297 Ne Omutukuvu Pawulo, yagamba nti, "Eriiso teribirabangako, n'okutu tekubiwulirangako, era tebiyingiranga na mu mutima gwa muntu," tosobola na kubitegeera; tewali ngeri ya kubinnyonnyolamu, "ebyo Katonda, by'abategekedde, abo abamwagala."

298 Era kati, nga kino bwe kiri ekituufu ddala, wano n'eri abawuliriza be tutalaba, tukiikirirwa wano, akawungeezi kano, mu kimu ku bika bino. Tuli bakkiriza bennyini aba nnamaddala oba . . . Kigezese nga okozesa Ekigambo. Ekigambo bwe kibaako ne kye kigamba, ate ekkanisa yo n'eyogera kya njawulo, kiriwa ky'otwala? Tunula mu ndabirwamu y'Ekigambo kya Katonda olabe kika ki ky'olimu. Naye bw'oba nga toli, akawungeezi kano, eri abali wano n'abali eyo mu bawuliriza be tutalaba, bw'oba nga toli, bw'oba nga toli mu kika ky'abo abakkiriza, nsobola okukusabira kaakano, oyingire mu kika ky'abo abakkiriza?

299 Ekyo osobola okukyoleka, eri Katonda; nga okoteka omutwe gwo, nga mukoteka emitima gyammwe, nga muzibiriza amaaso gammwe, mu maaso ga Katonda? Omanyi, oluusi abantu batya, okuyimusa emikono gyabwe, nga batya ababaliraanye . . . Nga ekyo, tebasaanye kukola bwe batyo, naye ba—basaanye okuba abeetegefu okusigala nga bayimiridde, nga bagamba nti, "Ndi, ndi mukyamu. Ndi mukyamu."

300 "Oyo a—oyo abikka ebibi bye taliraba mukisa, naye oyo alyatula ebibi bye alisaasirwa." Olaba? *Ekibi* kye kiki? "Butakkiriza," obutakkiriza mu (ki?) mu Kigambo.

301 Kati, bw'oba toli mu kika ekyo, nga waliwo ebintu by'o—by'olaba mu Bayibuli by'o . . . nga mu—mu . . . mu—mu ma—

magezi go ag'obwongo, to—tosobola kubiraba. Nga . . . Nga okimanyi nti Bayibuli bw'etyo bw'egamba, naye nga ggwe to . . . Tobitegeera, so nga oyagala okubitegeera. Nga ogamba nti, "Ayi Katonda, nsaba ntegeere. Nja kukugondera."

302 Oyinza okuyimusa ku mukono gwo, n'ogamba nti, "Nzijukira nga bwe tusaba"? Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Ekyo kirungi. Olaba?

303 Ddala kirowoozeeko muli nti, "Mu Bayibuli mulimu Ekintu kye si—simanyi bu—bumanya? Nti—nti—ntidde—ntidde nti nnandyesanga mu kimu ku bika biri ebirala. Oba oli awo nnandyesanga na bali ensanvu, aba . . . Waliwo ebintu ebimu bye si . . . Kinkaluubirira nnyo okutegeera engeri Katonda gy'a—gy'asobola okukola ebintu bino, bw'Ayinza okuba, engeri Yesu gy'ayinza okuba nti y'omu, engeri—engeri ebintu bino gye birimu. Si—ssikitegeera Ekyo. Njagala nkitegeere. Nja—njagala nkikkirize. Era, ai Katonda, saasira obutakkiriza bwange. Nja—njagala kubeera kitundu ku Kyo. Nange njagala kugabana ku Kigambo. Njagala Kibeere mu nze."

304 "Bwe munywerera mu Nze, n'Ekigambo Kyange ne kibeera mu mmwe, awo musabe bye mwagala." Omutukuvu Yokaana 15. Tumanyi nti ekyo kituufu. Labayo, "Bwe munywerera," si kuyingira ate n'ofuluma, n'oyingira ate n'ofuluma wabula, "bwe munywerera mu Nze," ate Ye kye Kigambo, "ne Kibeera mu mmwe, awo musabe busabi bye mwagala biribaweebwa. Mulibifuna."

305 "Oyo asembeza Ebigambo Byange, n'akkiriza n'Oyo eyantuma, aba amaze okuva mu kufa n'ayingira mu Bulamu." Naye osobola okusembeza Ekigambo, okusooka? Osobola okusembeza Ekigambo, Ekigambo kyonna, Kristo yenna? Kristo kye Kigambo ekifukiddwaako amafuta. Ye kye Kigambo, nga kifukiddwaako amafuta.

306 *Kristo* kitegeeza "Omufukeko amafuta," Ekigambo ekifukiddwaako amafuta eky'ekiseera ekyo, nga kirabisiddwa, Omulokozi, Omununuzi. Awo we Yali ow'okujjira, era Ye yali Omuntu oyo afukiddwaako amafuta okutwala ekifo ekyo.

307 Kati Omwoyo Omutukuvu mu nnaku ezisembayo, ye w'okwakisa Omusana ogw'akawungeezi, nga azzaawo nate Okukkiriza [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] okulinnyiriddwa, mu bibiina by'amadiini; nga anenya ebibiina by'amadiini n'okukomawo ku Kukkiriza nnakabala, wamu n'Okukkiriza nnakabala okwa Bayibuli; Bayibuli yennyini nnakabala, okukkiriza buli Kigambo ekigirimu, obutagigattako na kugyogeza *kino* na *kiri*. Okukyogera nga bwe Kigamba, era nga bw'otyo bw'oyagala okukikkiriza.

308 Waliwo abataayimusizza mikono gyabwe, abandyagadde okugiyimusa, bagambe nti, "ayi Katonda, nzijukira"?

309 Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, muwala. Naawe, Katonda akuwe mukisa. Kirungi. Katonda akuwe omukisa, muvubuka omuto. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. "Mmwetaaga. Nja . . . " Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze andi ku ddyo. Naawe akuwe omukisa, ali emabega wali. "Njagala . . . " Naawe Katonda akuwe omukisa, muvubuka. Naawe, mwannyinaze, erudda eri. Naawe, ow'oluganda, ali ku ludda luno, Mukama akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa, ali emabega wali. "Nzijukira bujjukizi, ayi Mukama."

310 Kati jjukira, omukono toguyimusizza eri nze; wabula eri Ye. N'ali emabega wange, kaakano, Mukama alaba omukono gwo. Nze ne bwe mba ssigulabye, Ye agulaba. Omutima gwo agumanyi. Amanyi ekikubira munda mu ggwo. Ekiruubirirwa kyo Akimanyi. Amanyi ekigendererwa kyo bwe kiri eri ekiruubirirwa ekyo. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda.

311 Waliwo omulala agamba nti, "Njagala kukkiriza Ekigambo kyonna." Katonda akuwe omukisa. Kale. Katonda akuwe omukisa. "Nnyamba, ayi Mukama, nnyamba." Emikono gyammwe Mukama agiraba. Yee, ssebo. Ky'ekyo. "Waliwo ebintu bye si—sitegeera. Saa—saagala kuba atakkiriza. Newankubadde ssibitegeera, naye era, njagala mbikkirize. Ndi mwetegefu okugamba nti, 'Mukama Katonda, nzuuno. Njagala kukkiriza. Saasira obutakkiriza bwange, Mukama.'" Katonda abeere nammwe. Katonda abawe omukisa. Emikono, mingi nnyo ddala egiyimusiddwa, era egikyayimusibwa.

312 Oyinza okwebuuza nti, "Ow'oluganda Branham, ekyo kirina kye kiyamba?" Ggwe yimusa omukono gwo, n'ekigendererwa kyennyini, ekituufu, olabe bw'onaawulira mu kukikola.

313 Omanyi, obeera owadde obujulizi nti waliwo akantu akali mu bulamu bwo. Akantu ako mwekali, tokaagalamu, naye, era, mwekali. Weewuunya bwe kanaavaamu. "Era, Mukama, kikafuuwe nze okubeera Yuda. Kikafuuwe nze okugoberera obugoberezi mu—mu Bubaka, nga oba oli awo ngezaako okulowooza nti lumu walibaawo ensobi eryasanguzibwa. Ayi Katonda, si nze. Nsaba nneekuumire ddala ku Kigambo Kyo. Olaba? Oba nnandiba atakkiriza alowooza obulowooza nti, 'Kale, singa—singa . . .naye, lwaki abalala bo si bwe boogera?' Olaba? Sa—saagala kuba bwe ntyo. Njagala kuba mukkiriza. Njagala. Ekigambo kya Katonda eky'ekiseera kino nkiraba. Nkirabamu Katonda. Era, ayi Mukama, nfuula kitundu ku Kigambo ekyo. Nfuula kitundu ku Kyo. Njagala mbeere kitundu ku Kyo." Mukama akuwe omukisa.

314 Kaakano leka tusabe. Era buli omu, we—weesabire, nange ŋŋenda kukusabira. Mukimanyi nti, lumu tugenda ku . . . tulyawukanyizibwa, oba oli awo, okumala akaseera. Abamu ku ffe tulitwalibwa, ne twawukanyizibwa. Waliwo bangi ku ffe wano, nga, abamu ku ffe tugenda tukaddiwa. Abamu ku ffe,

tetumanyi. N'abato nabo bafa. Tufiira ku myaka gyonna. Tulina okwawukanyizibwa, era kino kirina okutereezebwa. Ate toyinza kumala gagendayo nga osaalimba, olina okujja nga otegeera bulungi.

315 Oyinza okugamba, "Naye, ndikikola nga nnaatera okufa, bwe ndiba nkirabye." Nedda, ekyo tokikola. Mu kaseera ako oyinza n'okuba nga oliba tokyategeera. Oyinza n'okufiira mu kabenje, nga tonnatuuka waka. Oyinza okufa ekikutuko. Tetumanyi bigenda kubaawo; Katonda yekka ebyo y'abivunaanyizibwako. Ssibyesigulirako.

316 Ebweru nnengerayo abantu, nayo, abayimusizza emikono gyabwe mu madirisa. Olaba? Ddala, Katonda abawe omukisa.

317 "Nja—njagala—njagala kutereeza. Nja—nja—nja—njagala kutereeza." Era kati leka tutereeze, kati, mu kaseera kano kennyini. Kati, osobolera ddala okukitereeza omulundi gumu; okuviira ddala ku ntobo y'omutima gwo, singa onooyogera mu bwesimbu nti, "Mukama Yesu, ka kibe ki kyonna, oba omuntu yenna ky'agamba, Ekigambo Kyo kye nnaakulembezanga mu bulamu bwange. Nkyetaaga mu bulamu bwange. Ggwe Kigambo. Bayibuli bw'etyo bw'egamba, era nzikiriza nti Bayibuli kye Kigambo kya Katonda. Era mmanyi nti ebikwate n'enjigiriza ezaagunjibwa, bikiteekeddwaamu, ne bikifuula obunnanfuusi bwereere. Naye Mukama, nnongoosaamu ebiringa ebyo, mbeerere ddala Wuwo. Nnyimusa emikono gyange gy'Oli. Nnyimusa omutima gwange gy'Oli, eddoboozi lyange gy'Oli, okusaba kwange gy'Oli. Ayi Katonda, nsaasira."

318 Nange, emikono gyange, ngiyimusizza, Mukama. Nnongoosa, Ayi Mukama, okuva mu butakkiriza bwonna.

319 Newankubadde Ayinza o—obutampa Maanyi kutambula nga Enoka ne kitanneetaagisa kufa, naye ne ntambulatambulamukko olw'eggulogulo ne ŋŋenda Naye Eka; naye, ayi Katonda, nzikiriza kijja kubaawo, kubanga mmanyi wagenda kubaawo Okukwakkulibwa mu biro eby'oluvannyuma, era omulimu gwa kusalibwako.

320 Era, Kitaffe, kalenda yaffe egamba, emyaka emirala asatu mu mukaaga omulimu gujja kuba gukomekkerezebwa, era Oliba olina okujja wakati awo mu kiseera ekyo oba si ekyo tewaliba muntu alirokolebwa. Era tugambibwa, n'abakugu mu kusengeka ebintu nga bwe bijja bibaawo n'a—n'abanoonyereza ku bintu nga ebyo, nti ekyo kyali kya kubaawo emyaka mingi, emyaka mingi nnyo, okubaawo kwakyo kuyiseeko emyaka mingi; nga batugamba, okusinziira ku zi kalenda, nti twasukka dda we kyali kirina okubeererawo; oba oli awo wandiba nga wasigaddeyo emyaka nga kkumi n'etaano oba abiri. Simanyi, Kitaffe. Naye mmanyi, n'okusinziira ku kalenda yaffe, tunaatera okukituukako.

321 Ndaba nga tewakyaliwo ssuubi lyonna, Mukama. Wajja eki...Ssinga bamala ne batandika buli omu okukasukira munne zi bbomu ezo, Mukama, te—te—tewajja kuba ddwaaniro walwanirwa. Bajja, bajja kuttiŋŋana buttiŋŋanyi. Era, Mukama, gye ziri zirengejja, ate nga Bayibuli egamba nti eggulu lyonna n'ensi biryaka omuliro. Ayi Katonda, essaawa eyo ngiraba nga esembera.

322 Ndowooza ku kutemulwa kwa Pulezidenti, ate oluvannyuma ne tulaba omusajja oli omubi bw'ajja, awatali kukkiriza musajja ono eyatemula kuwozesebwa, ate n'amukuba bukubi byasi n'amutta, mu butemu obw'ettima. Ayi Katonda, bombi gubasinga. Ekyo tebalina lukusa kukikola. Obubi mu ggwanga lyaffe, eggwanga eriteekeddwa okuba eggwanga Ekristaayo, nga tuli kyakulabirako kibi nnyo, Mukama, eky'Abakristaayo. Tusonyiwe, ebibi byaffe, ayi Mukama.

323 Tuyambe, Ayi Katonda, naddala Ekkanisa Yo, abo abaabatizibwa okuyingira mu Mubiri gwa Kristo ogutalabika na maaso. Kubanga, "Omwoyo y'aleeta obulamu," nga bwe Wagamba. Era nga Omwana w'omuntu bwe yalinnya mu ggulu, n'Omubiri Gwe nagwo gulirinnya waggulu. Era Ye Mutwe; Ekkanisa Ye gwe Mubiri. Ayi Katonda, Omutwe gwe guluŋŋamya Omubiri. Leka Obukulembeze bw'Ekigambo buluŋŋamye Omubiri gwa Kristo. Era nsaba mbe kitundu ku Mubiri ogwo, ayi Mukama.

324 Nsabira bano abayimusizza emikono gyabwe, n'abo bonna abali wano n'abo bonna ab'okuwuliriza entambi. Ayi Mukama Katonda, nsabira ddala n'obwesimbu. Bayingize, ayi Mukama. Tunuulira emitima gyabwe. Omanyi kiki kye bali. Naye, nga omuweereza Wo, nne—nneegayirira ku lw'abantu, ayi Mukama. Mba—mbaagala. Mbaagala.

325 Era kino nge—nge—ngezaako okukikola kubanga mpulira nga gwe mulimu gwe Wantuma okukola. N'olw'ekyo, Kitaffe, nzuuno, nkola nga bwe nsobola ne...Nsonyiwa ensobi z'obunafu bwange, ayi Mukama. Nsaba Ompe—Ompe embavu, nsobole okwongera okukitangaaza eri abantu.

326 Kaakano beera naffe wano mu kkuŋŋaaniro, akawungeezi kano. Bateekeko amaaso bano, Mukama, abayimusizza emikono gyabwe wano mu kkuŋŋaaniro. Nkebera, Ayi Mukama, era ongezese. Era mu nze bwe mubaamu ensobi yonna, onnongoose, Kitaffe. Kituwe. Longoosa ekkanisa eno.

327 Ffenna tulongoose, Mukama, Ekigambo kisobole okufuuka omubiri mu ffe era kirabisibwe mu nsi wonna mu kiseera kino. Kituwe, Kitaffe. Kubanga kino nkiwaayo, awamu nange, n'ekyokuyigako kino, n'ekibiina kino, wamu n'Ekigambo Kyo n'ekisuubizo Kyo, olw'obulokozi bw'emmeeme zaffe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Kituwe, Mukama.

328 Leka Amaanyi ga Katonda gatukkeko gatufukeko amafuta, okuviira ddala ku musumba okutuuka ku alabirira ekifo kino, na buli muntu yenna ali wano. Leka Omwoyo Omutukuvu ajje atwale ekifo Kye mu mitima gyaffe, era akwate buli kisuubizo kya Katonda atubikkulire okutegeera nti Ekigambo Kyo ge Mazima. Nsabye okuyita mu Linnya lya Yesu.

329 Era nga tukyakotese emitwe gyaffe. "Nsobola . . ." Njagala omukubi w'ennanga, bw'aba asobola, atuwe eddoboozi ly'oluyimba luno nti, "Mpulira Omulokozi wange nga ayita. Gy'Anantwala gye nnaagendanga." *Gy'Anantwala Gye Nnaagendanga.*

. . . Omulokozi wange nga ayita, (Ye ani? Ye Kigambo.)
Mpulira Omulokozi wange nga ayita,
Mpulira Omulokozi wange nga ayita . . .

Kaakati weegaane enjigiriza zo ezaagunjibwa n'ebirala byonna.

Weetikke omusaalaba gwo ongoberere . . .

330 "Oyo ateetikke musaalaba gwe n'angoberera Nze, Ekigambo, tasaanidde kuba muyigirizwa wange."

Gy'Anantwala . . . (Kuddayo ku Bayibuli, gy'Anaakutwala.) . . . nnaagoberera,
Gy'Anantwala gye nnaagendanga,
Gy'Anantwala gye nnaagendanga,
Nja . . . (Bwe wanaaba kugenda ku kidiba, mu Linnya Lye, bwe wanaaba kugenda ku wolutaali, kwetikkula nsonyi zange!) . . . wonna.

331 [Ow'oluganda Branham amuumuunya *Gy'anantwala gye nnaagendanga*—Omuk.]

. . . Naye mu kusala omusango, (Ky'ekyo, ekigenda mu maaso, mu kaseera kano.)
Nja . . .

332 Ludda ki lw'oliko? Olaba ki bwe weeraba mu Bayibuli, endabirwamu ya Katonda, Ekigambo bwe kiba kinnamula kaakano?

Nja kugenda ne . . .

333 "Nja kugenda n'Ekigambo, ne bwe nfiirwa ki. Mpita mu kulamulwa kwa Katonda. Bwe mba wa kuba kimu ku ebyo, nfuula mukkiriza, buli wamu wonna mu Kigambo."

. . . Naye, Naye olugendo lwonna.

Kubanga gy'Anantwala nja . . .

334 Kaakano kirowoozeeko, nnyo ddala kati.

. . . Gy'Anaantwala . . .

Ebika Ebisatu Eby'Abakkiriza LUG63-1124E

(Three Kinds Of Believers)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga 24 Nnovemba, 1963, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org